



Gender Transformation & Empowerment

AKATABO KA BA KANSALA BABAKYALA

OKUTUMBULA OBUVUNANYIZIBWA BWA BA KANSALA BABAKYALA



Luganda

WOMEN'S DEMOCRACY NETWORK
Empowering Women's Lives
Uganda Chapter



CEWIGO
MAKING POLICIES
WORK FOR WOMEN



Acfode

March 2013

Abavunanyizibwa ku kufulumizibwa kw'ekitabo:

Rita Aciro Lakor:
Executive Director;
Uganda Women's Network (UWONET)

Perry Aritua:
Executive Director;
Women's Democracy Network (WDN)-Uganda Chapter

Regina Bafaki:
Executive Director;
Action for Development (ACFODE)

Patricia Munabi Babiiha:
Executive Director;
Forum for Women in Democracy (FOWODE)

Robina Rubimbwa:
Executive Director;
Center for Women in Governance (CEWIGO)

Kifulumiziddwa ku pulojekiti: “Okutumbula obukulembeze n’obuvunanyibwa bwa ba Kansala babakyala ku disitulikiti” nga kifulumizibwa ekibiina ky’abakyala ekya

© Women’s Democracy Group 2013

Obuyinza bwonna ku kitabo kino omuwandiisi abwesigalizza. Okirizibwa okweyambisa ebiwandiikiddwa mu kitabo kino okubangula abalala nga tomaze kufuna lukusa lwa muwandiisi bwekiba nga ssi kwenonyeza nsimbi gwe kasita olaga ensibuko oba omuwandiisi w’ebigambo ebyo mu ngeri ekkirizibwa wonna.

Tokkirizibwa kukubisa oba okwokya mu kitabo kino wefunire ensimbi nga tomaze kufuna lukusa lwa muwandiisi waky’o.

.

Biwandiikiddwa Rita Aciro-Lakor

AKATABO KA BA KANSALA BABAKYALA

Okutumbula obuvunanyizibwa bwa ba Kansala babakyala

March 2013

Okusiima

Ekibiina kya Women's Democracy Group (WDG) kituusa okusiima kwakyo eri ba Kansala babakyala, Abakungu ku disitulikiti, ba CAO, ba RDCs, abakulu b'obukiiko bwe LC n'abakozi bonna abenyigidde ebyo ebikoleddwa okusobola okufuna byonna ebiwandiikiddwa mu kitabo kino.

Ebisooka

Gavumenti ez'ebitundu ziba nkulu nnyo mu nkulakulana y'abantu n'okukakasa nga empeereza esigala mu eri abantu bonna mu Uganda. bawongera empeereza mu bantu.

Buvunanyibwa bwa Gavumenti nga eyambibwako ebitongole eby'enjawulo nga Civil Society Organizations (CSOs) okukakasa nga ba kansala b'ebitundu balina obukugu n'obumanyirivu okusobola okutuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe.

Ebitundu 75% ebya ba Kansala ba disitulikiti bavaayo mu 2011 n'enkola ey'okutumbula empeereza yabwe mu bitundu byabwe. Ba Kansala balina okufuna okubangulwanga n'okwejjukanyanga buli luvanyuma lwa kiseera ekigere okubasobozesa okutuukiriza emirimu n'obuvunanyizibwa bwabwe.

Ekitabo kino kiwandiikiddwa abakyala ab'ekibiina kya Women's Democracy Group (WDG) mukawefube wako ow'okutumbula okumanya n'obukugu bwa ba Kansala ba bakyala. Kirimu emitwe egye njawulo gyonna nga gikwaata kutumbula empereza y'aba Kansala ba bakyala.

Ekibiina kya WDG kikubiriza ba Kansala ba bakyala okweyambisa akatabo kano okubasobozesa okutuukiriza obuwereza bwabwe mu gavumenti ez'ebitundu.

Ebiri mu kitabo

Okusiima	.ii
Ebisooka	.iii
Ebifunze.	.viii
Enyanjula	.1

EKITUNDU I: ENKOLA MU NSI YONNA, MU MAWANGA AGAMU NE MU GGWANGA LYAFFE EZIWAGIRA ABAKYALA OKWENYIGIRA MU BY’OBUFUZI 3

1.1. Enkola mu nsi yonna	.3
1.1.1. Universal Declaration of Human Rights.	.3
1.1.2. The Convention on the Elimination of All Forms of	
Discrimination against Women (CEDAW), 1979	.3
1.1.3. Beijing Platform for Action, 1995	.3
1.2. Enkola mu bitundu ebirala ewagira abakyalala	
okwenyigira mu by’obufuzi	.4
1.2.1. Optional protocol to the African Charter on Human	
and Peoples’ Rights.	.4
1.3. Amateeka mu Uganda ku ky’abakyalala okwenyigira mu	
by’obufuzi	.5
1.4. Lwaki abakyalala abangi mu by’obufuzi: Ensonga,	
omuwendo n’okussukka wo.	.5

EKITUNDU 2: EMIRIMU N’OBUVUNAYIZIBWA BWA BA KANSALA BA BAKYALA KU DISITULIKITI 7

2.1. Lwaki gavumenti ez’ebitundu zamugaso?.	.7
2.2. Omulimu n’obuvunanyibwa bwa ba Kansala	
abakyalala aba disitulikiti	.7

**EKITUNDU 3: EBYO BA KANSALA ABAKYALA BYEBETAAGA
OKUKUGUKAMU OKUSOBOLA OKUTUUKIRIZA EMIRIMU
N’OBUVUNANYIZIBWA BWABWE 11**

3.1.	Empuliziganya.	11
3.1.1.	Okukozesa emikutu emipya egy’empuliziganya okutumbula obuweereza mu bukiiko bw’ebyalo.	14
3.1.2.	Ebika bya socialmedia	16
3.1.3.	SMS chat.	18
3.2.	Okwogera mu bantu	20
3.2.1.	Lwaki kikulu nnyo Kansala w’abakyala okumanya okwogera n’akakiiko wamu n’abalonzi?	20
3.2.2.	Biki omuntu byasobola okukola okusobola okuba omwogezi omulungi?	21
3.2.5.	Ebibeera mu mbozi OBw’omala okukungaanya ebirowoozo, biteeketeke ogyemu ebyo ebikontana. Osobola okweyambisa bino:	23

EKITUNDU 4: OKUWOLEREZA 24

4.1	Okuwolereza kye ki?	24
4.2.	Ebika by’okuwolereza kuno by’ebirwa?	24
4.3.	Nkola ki ez’okuwolereza omuntu z’asobola okweyambisa okuleetawo enkyuukakyuuka?	25

EKITUNDU 5: OKUKULEMBERAMU ENTUULA Z’AKAKIIKO. . . . 28

5.1	Engeri entuufu gy’osobola okukulemberamu entuula z’akakiiko.	28
5.2	Biki ebirina obukeera mu biteeso ebiwandiikiddwa (minutes)?	30
5.3	Ensonga omukulembeze w’akakiiko zalina okwekeneenya	31
5.4	Engeri gy’osobola okusikirizaamu abateesa okujjumbira; .	31
5.5	Engeri y’okuwumbawumba n’okutuuka kukusalawo . . .	32

5.6	Engeri y’okukwaatamu abantu abazibu mu lukiiko	33
-----	--	----

EKITUNDU 6: EKIKULA KY’ABANTU. 34

6.1.	Embalirira ku by’ekikula ky’abantu	34
6.1.1.	Omugaso gw’embalirira y’ekikula ky’abantu	35
6.1.2.	Emitendera mu kutumbula embalirira ku kikula ky’abantu ku ndandikwa ya pulogulaamu	35
6.1.3.	Engeri y’okugerageranyamu enkola y’embalirira y’ekikula ky’abantu	36
6.2.	Okussa ku mwanjo eby’ekikula ky’abantu	37
6.2.1.	Ekikula ky’abantu kisobola kitya okussibwa ku mwanjo mu nteekateeka n’embalirira y’akakiiko kekyaaloo? 38	
6.3.	Obwenkanya okusenziira ku kikula ky’abantu.	40
6.3.1.	Obwenkanya eri ekikula ky’abantu busobola butya okutumbulwa mu bukiiko bw’ebitundu?	40
6.4.	Embalirira ku kikula ky’abantu.	40

EKITUNDU 7: OKUKOLA AMATEEKA AGA GAVUMENTI

EZ’EBITUNDU. 42

7.1.	Okuleeta ekiteeso,okuwabula n’okumanyisa.	45
7.1.1.	Okuleeta ekiteeso	45
7.1.2.	Okuwaayo ensonga y’okuwabula n’okumanyisa.	47
7.1.2.1.	Okuwabula	47
7.1.2.2.	Okumanyisa	48
7.1.2.3.	Okuva ku mulamwa	48
7.1.2.4.	Obukuumi	48

EKITUNDU 8: OKULONDOOLA N’OKWEKENNEENYA 49

8.1.	Byolina okumanya mu kuteekateeka, okulondoola n’okwekennnya	49
8.1.1.	Okwenyigirwamu buli akwaatibwaako	49
8.1.2.	Tunuulira ebivuddemu oba ebituukidwaako	49
8.1.3.	Tunnulira eby’okwekulakulanya eby’omugaso	50
8.1.4.	Eby’ensimbi	50
8.1.5.	Abakozi	50

EKITUNDU 9: AKABONDO K’ABAKYALA 53

9.1.	Ebyetaagisa okutondawo akabondo k’abakyala akakola .	53
9.1.1.	Akabondo k’abakyala kekaluwa?	53
9.1.2.	Lwaki abakyala bekolamu obubondo?	54
9.1.3.	Ebigendererwa by’akabondo k’abakyala bye biriwa? . . .	55
9.2.	Obubondo bw’abakyala butuuka kubuwanguzi bino bwebiteekebea mu nkola:	56
9.3.	Akabondo okusobola okukola bino birina okubaawo: . . .	58
	Ebinyonyola	60
	Annex A: Engeri ennambulukufu gy’osobola okweggulirawo email.	61
	Annex B: Ekika ky’ekiteeso	63
	Annex C: Engeri gy’osobola okutuukirizaamu obuvunanyizibwabwo eri gavumenti o nga ggwe	64
	EBYEYAMBISIDDWA	69

Ebifunze

ACFODE:	Action for Development
CEDAW:	Convention on Elimination of all Forms of Discrimination against Women
CEWIGO:	Center for Women in Governance
CDOs:	Community Development Officers
CSOs:	Civil Society Organizations
DGF:	Democracy Governance Fund
ECOSOC:	Economic and Social Council
FOWODE:	Forum for Women in Democracy
GDD:	Gender Disaggregated Data
LCs:	Local Councils
NAADs:	National Agricultural Advisory Services
PWDs:	People with Disabilities
SMS:	Short Message Service
UWONET:	Uganda Women's Network
WDG:	Women's Democracy Group
WDN-UGANDA CHAPTER:	Women's Democracy Network–Uganda Chapter
UDHR:	Universal Declaration of Human Rights
UNDP:	United Nations Development Programme
UWOPA:	Uganda Women's Parliamentary Association

Enyanjula

Ba Kansala b'ebitundu bava mu bitundu eby'enjawulo bwekityo baja n'obukugu wamu n'okumanya okwenjawulo eri omulimu gwabwe. Wadde nga guli gutyo, batono nnyo kubo naddala abapya abalina obukugu obumala ku ngeri y'okuddukanyamu emirimu gya gavument ez'ebitundu, engeri akakiiko gyekakolamu n'obuvunanyizibwa bwabwe bwonna.

Newankubadde nga kiri bwekityo, buvunanyibwa bwa ba Kansala bano okusalirawo abatuuze ku nsonga ez'enjawulo. Era kino nga bassa omukono ku nkozesa y'ebyo ebigasa abantu bonna nga mwotwalidde n'ebiyobutonde.

Abamu ku ba Kansala bayinza okwetaaga okubangulwa mu ebyo byebateekakasa bulungi. Mu bino mulimu engri y'okukubirizaamu enkiiko, amateeka agagobererwa mu kukubaganya ebiwoozo, okutaputa embalirira y'esimbi, n'ebirala bingi.

Bangi ku bo bayinza okwetaaga obuyambibwa mu bintu obyenjawulo. Okugeza ba Kansala babakyala abatalambuluddwa bulungi eri abalonzi, ate bebalina okukiikirira abakyala betaaga obukugu obwenjawulo okubasobozesa okulambulula ensonga z'abaami n'abakyala, okuteekateeka embalirira n'enteekateeka okusobola okukola ku by'etaago by'abaami n'abakyala.

Nga ogyeeko obukugu n'okubangulwa eri ba Kansala ababa bakyali abapya, Ba Kansala abakadde nabo olumu bafuna okusomoozebwa olwekyuukakyuuka mu by'amateeka n'enkola egobererwa mu kuddukanya emirimu gya gavumenti ez'ebitundu.

Kansala nebwaba azanya kitundu ki ku kakiiko, omulimu gwe mukulu nnyo era avunanyibwa eri abantu bonna. N'olwekyo betaaga okumanyisa n'okubangulwa obukodyo obwenjawulo okuva mu gavumenti n'ebitongole eby'obwa nnakyewa.

Ekigendererwa ky'ekitabo kino kwekuyamba ba Kansala ba bakyala okukakasa nga buli omu ategeera bulungi obuvunanyizibwa bwe n'okwongera okukuguka okusobola okutuukiriza ebyo bakiikirira bye bamusuubiramu.

Ekitabo kino kirimu obubaka obusobola okweyambisibwa akakiiko mu kuteekateeka ba Kansala abapya eri omulimu gwabwe n'okwongera okuteekateeka bonna okusobola okukola emirimu gyabwe mu ng'abakugu.

Ebikwaata ku kitabo

Ekitabo kigabanyiziddwamu ebitundu bisatu:

Ekitundu 1 kirimu enkola mu nsi yonna, mu mawanga agamu ne mu ggwanga lyaffe eziwagira abakyaala okwenyigira mu by'obufuzi.

Ekitundu 2 kirimu omulimu n'obuvunanyizibwa bwa ba Kansala ba disitulikiti abakyaala.

Ekitundu 3 kirimu amagezi n'obukodyo bwa ba Kansala ku mitwe egyenjawulo egisobola okubayamba okutumbula empereza yabwe.

Kimanyiddwa nti akakiiko kaba n'enteekateeka ey'okwanjulira ba Kansala obuvunanyizibwa bwabwe n'okwongera bulijjo okubabangula okusobola okutumbula empereza yabwe. Era kimanyiddwa nti embeera n'ebyetaago by'abantu abakiikirwa byawukana okusinziira ku kitundu kyabwe.

Ekitabo kino kiwandiikiddwa okweyambisibwa abakikiiko okubanguyizaako omulimu era nga kirimu:

- ◆ Eby'amateeka ebiwagira abakyaala okwenyigira mu by'obufuzi;
- ◆ Emirimu n'obuvunanyizibwa bwa ba Kansala ba bakyaala;
- ◆ Amagezi n'obukodyo obwenjawulo ebyetaagibwa ba Kansala abakyaala okubasobozesa okutuukiriza emirimu gyabwe nga mu gino mulimu: Obukugu mu by'empuliziganya, okutegeera ebikula by'abantu n'enkyuukakyuuka; embalirira y'ekikula ky'abantu, okukulambulula eby'ekikula ky'abantu, okukulembeza ekikula ky'abantu n'omwenkanonkano, Okuba omuwolerereza, okukkanya, okuyisaamu ekiteeso, okuwabula, okumanyisa, okukubiriza olukiiko, okulondoola n'okwebejja enkola y'obubondo bw'abakyaala.

EKITUNDU I:

ENKOLA MU NSI YONNA, MU MAWANGA AGAMU NE MU GGWANGA LYAFFE EZIWAGIRA ABAKYALA OKWENYIGIRA MU BY'OBUFUZI

1.1. Enkola mu nsi yonna

1.1.1. Universal Declaration of Human Rights

Mu mwaka gwa 1948, ekitingole ky'ensi yonna ekya United Nations kyatongoza ekitundu ku kyo ekirwanirira eddembe ly'obuntu ekya Universal Declaration of Human Rights(UDHR). Akatundu aka 21 aka UDHR kawa enkizo buli muntu okwenyigira mu by'obufuzi obutereevu oba okukiikirirwa.Uganda okufaananako n'ensi endala yabagawo etteeka erisobozesa abaami n'abakyala okulondebwa okukiikirira bannaabwe neba bannansi okwerondera abakulembeze.

1.1.2. The Convention on the Elimination of All Forms of Discrimination against Women (CEDAW), 1979

Mu 1985, Uganda yakiriza enkola eno eya CEDAW Eggwanga bwerikiriza era nerissa omukono teeka ly'ensi yonna, kiba kirikakatako okubagawo amateeka agalisobozesa okutuukiriza ebyo ebiri mu ly'ensi yonna.

Akatundu ako 7 mu CEDAW kakubiriza amawanga okubagawo enkola ezikugira abakyala okusosolebwa mu by'obufuzi eri abantu n'eggwanga lyonna”.

Mu lutuula lwabwe olw'omukaaga mu (1997) Akakiiko ka Committee on the Elimination of Discrimination against Women katongoza ebimu kubyasalibwawo ekya 23 ekikwaata ku kyabakyala okwenyigira muby'obufuzi. Kyassa essira ku ky'amawanga gonna okulaba nga ssemateeka waago akirambika bulungi okukakasa nga abakyala begazaanyiza bulungi mu by'obufuzi.

Mu Uganda okusinziira ku ssemateeka wa Uganda amateeka g'okulonda gawa enkizo kyenkanyi abaami n'abakyala okwenyigira mu by'obufuzi.

1.1.3. Beijing Platform for Action, 1995

Olutuula lw'abakyala muni yonna olw'omulundi ogwokuna olwatuula mu Beijingin 1995, lwassa essira ku butenkanya obuliwo mu kusalawo eri abaami n'abakyala. Bwetyo Beijing Platform for Action n'ekikaatiriza nti abakyala okulekebanga ebbali mu by'obufuzi kireeseewo ebibuuzo bingi mu mu nfuga eya demokulasiya.Kino kinafuya enfuga eya demokulasiya ewa enkiso abaami n'abakayala okwenyigira mu by'obufuzi awatali kyekubiira.Kale abakayala

okulekebwa ebbali mu kusalwo ku nsonga z'eb'obufuzi kikosa nnyo enfuga eya demokulasiya.

Beijing Platform for Action eyongera bulungi okukirambika nti “abakyala okwenyigira mu by'obufuzi tekyetaagibwa lwa bwenkanya kyokka naye kiwa omukisa abakyala okuwa endowooza zaabwe n'eb'yo betaaga okuteekebwa mu nkola. Abakyala bwebalekebwa ebbali mu kusalwo kumitendera egyenjawulo, ekigendererwa ky'okuba n'obwenkanya, enkulakulana n'emirembe tebisobola klutuukibwaako.”(Para181).

Beijing Platform for Action yannyonyola ebigendererwa ebikulu bibiri kukyabala okuba n'obuyinza n'okwenyigira mu kusalwo ku nsonga ezenjawulo:

- ◆ Okukakasa nga abakyala nabo baweebwa obuyinza kyenkanyi okwenyigira mu by'obufuzi n'okusalwo ku bintu eby'enjawulo.
- ◆ Okwongera abakyala obusobozi okwenyigira mu kusalwo ku bintu ebyenjawulo n'obuyinza mu by'obufuzi.

Uganda ekiika mu kibiina ky'ensi yonna ekya ekirafuubanjira eddembe ly'abakyala ekya international conventions on women's rights era ekiriziganya n'amateeka gaakyo. Era erina okulaga wa wetuuse mu kuwa eddembe abakyala n'abaami okwenyigira mu kusalwo. Ebitongole eby'obwa nnanyini CSOs nga WDG nga kinio ky'ekimu ku ebyo ebityambako gavumenti okulaba nga wabaawo obwenkanya mu kusalwo eri abaami n'abakyala n'okubangulanga abakyala okubasobozesa okutuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe n'okwenyigira mu kusalwo.

1.2. Enkola mu bitundu ebirala ewagira abakyala okwenyigira mu by'obufuzi

1.2.1. Optional protocol to the African Charter on Human and Peoples' Rights

Akatundu ako 9 mu Optional Protocol to the African Charter ku ky'eddembe ly'obuntu kakubiriza buli ggwanga erikiika okussa mu nkola enkola nga okubaga amateeka agawa abakyala omukisa okwenyigira mu by'obufuzi nga bwe guli ku baami. Akatundu kano kakubiriza buli ggwanga eryassa omukono ku nkola eno okubaga amateeka aganakakasa nga okulondebwa kwa ba Meeya, Ba Kansala ba disitulikiti, ba Minisita, ba Kamisona, abakulira obukiiko, ba memba ba paliyamenti, oba ku bukulembeze bw'eggwanga okukakasa nga abakyala bakiikiriddwa kyenkanyi mu bifo ebyo.

Uganda yabagawo enkola okutuukiriza nga bwekirambikiddwa mu Katundu I.I.3. Okwongerera amaanyi abakyala okwenyigira mu by'obufuzi n'eri abantu mu bulamu obwabulijjo.

1.3. Amateeka mu Uganda ku ky'abakyala okwenyigira mu by'obufuzi

Okulafuubana kwa Uganda okusobozesa abakyala okwenyigira mu by'obufuzi kwesigamizibwa ku Article 38 eya Ssemateeka wa Uganda nga kano kawa eddembe buli mu Nna Uganda okwetaba mu mirimu gya gavumenti ng'omukiise oba okuyita mu abo abamukiikirira. Era buli mu nna Uganda waddembe okwenyigira mu bikolwa ebireetawo emirembe okuyita mu bitongole eby'enjawulo. Article33(4) essa essira ku ky'abakyala okuba n'eddembe kyenkanyi nga bwe guli ku baami okwenyigira mu by'obufuzi, eby'enfuna n'ebyo ebikolebwa mu bulamu obwa bulijjo.

Ssemateeka w'eggwanga era awa abakyala obukuumi n'enkizo era nga kino kiri ne kubika by'abantu ebirala abanyomebwa okusenziira ku Article32(1) okukakasa nga ddala wabaawo obwenkanya. Okukakasa nga abakyala bongera okwenyigira mu by'obufuzi ku ddala ly'obukiiko obwekyaaloo, Article180(2)(b) mu Ssemateeka wa Uganda egamba nti kimu ky'akusatu ku bakiise ku bukiiko mu gavumenti ez'ebitundu balina kuba bakyala.

Eri amawanga amalala ebifo ebyo bigabanyiziddwamu eranga birambikiddwa mu ssemateeka okusobozesa abakyala okwenyigira mu by'obufuzi.

1.4. Lwaki abakyala abangi mu by'obufuzi: Ensonga, omuwendo n'okussukka wo.

- ◆ **Ensonga**–Abasomi n'abayivu abakola bombi bakiriziganya nti kyamugaso nnyo okuba n'omuwendo ogwenkanankana olw'ensonga zino wa mmanga:
- ◆ **Ensonga y'obwenkanya**- abakyala bali kumpi ebitundu ataano ku kikumi munsu ez'enjawulo n'olwekyokikulu nnyo okukiikirirwa.
- ◆ **Ensonga y'obumanyirivu** – Abaami n'abakyala byebayitamu byanjawulo n'olwekyo kiba kikulu nnyo bombi okukiikirirwa mu kubaga amateeka.Kino kiraga nti abakyala engeri gyebaddukanyamu eby'obufuzi eyawukanira ddala ku y'abaami.
- ◆ **Ensonga y'ebyo ebyettanirwa** - Abakyala bye bettanira byawukanira ddala ku ebyo abaami byebasinga okujjumbira oluusi n'okukontana n'olwekyo kikulu bombi okukiikirirwa.

- ◆ **Kulwa bonna-** abakyala basobola okulafuubanira bannabwe n'okulaga ebyo ebyetaagibwa abakyala singa bakiikirirwa.
- ◆ **Ensonga y'ekyokulabirako**—abakyala basikirizibwa okwenyigira mu by'obufuzi singa wabaawo abafuukira omumuli oba ekyokulabirako.
- ◆ **Ensonga ya demokulasiya**—abaami n'abakyala okukiikirirwa ekyenkanyi kyongera okuggumiza enfuga ey'omugendo era demokulasiya mu mbeera zonna.

EKITUNDU 2:

EMIRIMU N’OBUVUNAYIZIBWA BWA BA KANSALA BA BAKYALA KU DISITULIKITI

Kisimbuddwa mu WDN-Uganda Chapter Manual for training women councillors(2011); Local Government Act, Ssemateeka wa Uganda ne WDG alipoota okuva mu disitulikiti za Uganda 50 ezakyaalirwa.(2013)

2.1. Lwaki gavumenti ez’ebitundu zamugaso?

Gavumenti ez’ebitundu ziyamba Kinene okulambulula n’okulaga ebyetaago bya balonzi. Akatundu 9 mu Local Governments Act, CAP 243 kawa obuyinza obussukulumye obukiiko bw’ebyalo mu gavumenti ez’ebitundu.

Akakiiko ako kaba n’obuyinza ku by’amateeka obusukulumye nga bwe kirambikiddwa mu ssemateeka ne Local Government Act,CAP 243.Era abo bokka ba nna Uganda abatuuze bebakirizibwa okuba abakiise ku kakiiko kano.

Okusinziira ku Article180(2)(b) eya ssemateeka wa Uganda, kimu kyakusatu eky’abo abakiika ku kakiiko kano aka gavumenti ez’ebitundu balina kuba bakyala. Kino ate tekirobera bakyala kuvuganya ku bifo ebirala ebirina okuvuganyizibwako ku kakiiko.

2.2. Omulimu n’obuvunanyibwa bwa ba Kansala abakyala aba disitulikiti

Ekitundu eky’okubiri ekya Local Government Act kirambika bulungi emirimu n’obuvunanyizibwa bwa ba Kansala babakyala aba disitulikiti. Nga ojjeeko obuvunanyizibwa bwa ba Kansala obwabulijjo nga bwe kirambikiddwa mu kitundu kino wa mmanga, Ba Kansala abakyala era nga ekikula kyabwe bwe kiri nga batuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe balina okuleetawo enkukakyuuka ez’omuggundu mu bulamu bwa bakyala bannabwe. Okusobola okutuukiriza kino, balina okubangulwa okusobola okufuna obukugu ku nsonga z’ekikula ky’abantu n’okutumbula obwenkanya mu nteekateeka, embalirira n’enkola za gavumenti endala ku by’enkulakulana. **Ekitundu eky’okusatu ky’ongera okunyonyola ensonga eno mu bujuvu.**

Obuvunanyizibwa bw'abakyalala businziira ku nsonga eziwerako omuli n'akakiiko kwebalina okuweerereza. Eky'okulabirako singa omukyala aba akiika ku kakiiko akawaggulu (executive committee) buno bwe buvunanyibwa bwaba nabwo:

- ◆ Okwenyigira mu kuleeta ebiteeso n'okubaga amateeka agalina okukakasibwa akakiiko.
- ◆ Okwenyigira mu kulondoola enkola z'akakiiko ka gavumenti wamu n'okulondoola emirimu gy'ebitongole ebyobwa nnakyewa mu disitulikiti.
- ◆ Okwenyigira mu kulondoola emirimu gy'akakiiko n'okusalawo ku nsonga yonna eba y'etaagisa;
- ◆ Okusemba omuntu yenna eri akakiiko okulondebwa nga omukiise ku kakiiko ka disitulikiti oba District Service Commission, ku kakiiko ka gavument ez'ebitundu, ku kakiiko ka Public Accounts Committee, n'akakiiko ka distulikiti akeby'ettaka aka District Land Board oba akakiiko konna akalala akaba katondeddawo;
- ◆ Okugonjoola obutakkaanya oba obuzibu bwonna okuva mu kakiiko aka gavumenti ez'ebitundu aka wansi;
- ◆ Okwekeneenya enkola y'akakiiko, ku buli nkomerero ya mwaka nnga osinziira ku nteekateeka n'ebyo byaalina okutuukiriza mu mwaka.
- ◆ Okukola omulimu gwonna oguba gumutimiddwa akakiiko oba amateeka.

Section eya 22 mu Local Government Act eteekawo akakiiko akamanyiddwa nga Standing Committees(Working Committees) eza kakiiko.

Akakiiko kano aka Standing Committees kateekebwawo okukolera wansi w'akakiiko ka Local Government Act okwanguyizaako akakiiko okutuukiriza emirimu n'obuvunanyizibwa bwako. Standing Committee eno eweebwa obuvunanyizibwa okutuukiriza mu bifo eby'enjawulo okugeza. Mu by'obulamu n'ebyenjigiriza, Eby'eteekateeka n'ebalirira, Obuwereza obwa waggulu, mu Production ne Works n'ebirala. Kansala w'abakyalala asobola okukiika ku kakiiko kano, era buno bwebuvunanzibwa bwe ku kakiiko:

- ◆ Okulondoola n'okwekeneenya enkola y'akakiiko mu bitundu byako eby'enjawulo;
- ◆ Okufuna embalirira ya departmenti ye n'okugisemba okuyingizibwa mu mbalirira y'akakiiko eya wamu;
- ◆ Okwekebejja ensaasanya ya buli mwezi, ne alipoota eya buli quarter okusobola okulunganya akakiiko;
- ◆ Okuddamu okwekeneenya amateeka agaleetebwa akuyisibwa akakiiko nalunganya ku nsonga ezenjawulo;

- ◆ Okwekeneenya ebiteeso by'abakiise era n'olungamy akakiiko ku nsonga ez'enjawulo;
- ◆ Okufuna embalirira za departmenti zaabwe n'okukakasa nga ziyingizibwa mu mbalirira y'akakiiko eyawamu.

Buli Kansala era alina obuvunanyizibwa obwenjawulo bwalina okutuukiriza ng'omukiise ku kakiiko nga mu buno mulimu:

- ◆ Okwekumira okumpi n'abalonzi n'okubebuuzangako ku nsonga ezirina okuteesebwako mu kakiiko.
- ◆ Okutuusa ebiteeso n'endowooza zaabo bakiikirira eri akakiiko. Ba Kansala tebawaayo ndowooza yabwe yokka eri akakiiko naye n'eyabo bebakiikirira.
- ◆ Okukiika ku bukiiko n'entuula zonna eza kakiiko.
- ◆ Okusisinkananga abatuuze bakiikirira mu kitundu kyabwe n'okubebuzaangako.

Wadde nga obuvunanyizibwa n'emirimu gya ba Kansala girambikiddwa mu Local Government Act, ba Kansala ba bakyala bafuna okusomoozebwa mu by'obufuzi n'abukulembeze. WDG yasisinkana abantu maaso ku maaso okuva mu disitulikiti 50 eza Uganda mu mwaka gwa 2012–13 era bino wa mmanga kwekumu kukusoomozebwa kwebasanga:

Okwenyooma n'obuteekakasa kyebali, okwetya, obbula ly'ensimbi okusobola okutuukiriza ebyetaago by'abalonzi omuli n'ebwabwo nga abantu okugeza ebisale by'abaana eby'essomero. Kuno kwekusoomozebwa okwasinga era nga kwawereza ddala ebitundu 100% okusenziira ku alipoota ya WDG okuva mu disitulikiti za Uganda 50.

Ba Kansala abakyala tebalina bukugu bumala okukunga n'okuwolereza abo bebaakiikirira nga kino kyaweza ebitundu 94%;

- ◆ Obutaba bayigirize, okulemererwa okwogera olulimi olungereza mu nkiiko n'engeri gy'ekikosaamu emirimu N'obuvunanyizibwa bwabwe bwabwe nga bwe kirambikiddwa mu ssemateeka ne Local Government Act ebya Uganda n'obutaba na bukugu bumala ku ngeri y'okukukubirizaamu enkiiko nga kino kyaweza ebitundu 89%.
- ◆ Obutaba nabukugu bumala okusobola okuteekateeka embalirira n'okutegeera obulungi enkola za gavumenti ez'enjawulo nga kino kyaweza ebitundu 79%.
- ◆ Obutaba na bukugu eri emirimu n'obuvunanyizibwa bwabwe nga kino kyaweza ebitundu 74%.

Obunafu obulala obwazuulibwa mu bakulembeze abawaggulu ne mu by'obufuzi nga muno mwemuli ne Ba Kansala abakyala mulimu: Obunafu bw'okwogera mu bantu, okutegeera ebikula by'abantu n'okukulembezangamu ensonga zaabwe mu mbalirira, Obutana nabukugu bumala okutegeera engeri gyebabagamu amateeka, obutaba n'akunoonyereza kumala ku ebyo ebizuliiddwa ebiyambako mu kukosalawo, obutaba n'abukodyo bwakwogera n'okukubaganya ebirowiizo, N'obutaba nabukugu ku ngeri y'okukubirizaamu olukiiko.

EKITUNDU 3:

EBYO BA KANSALA ABAKYALA BYEBETAAGA OKUKUGUKAMU OKUSOBOLA OKUTUUKIRIZA EMIRIMU N’OBUVUNANYIZIBWA BWABWE

3.1. Empuliziganya

Empuliziganya ennungi kikulunyo okusobozesa enkola eya demokulasiya okubukala. Kireetawo enkolagana, enteekateeka ennungi, okuteekateeka embalirira n’enkulakulana wamu n’okutumbula empeereza yonna awamu.

Abatuuze (abalonzi) basuubira akakiiko aka gavumenti ez’ebitundu okubatega kunteekateeka, empeereza, eddembe lyabwe n’ebuvunanyizibwa bwabwe, eby’okuganyulwa, okusomoozebwa mu mpeereza n’okusalawo akakiiko byekakola entakera.

Akakiiko era kasuubira gavumenti okubawuliriza: okuzuula endowooza zaabwe, ebyo byebasinga okwetaaga, ebyetaago ebialala ne byebasuubira. Basuubirwa okuwuliza obulungi n’okutegeera byonna okuva mu bantu bonna,

Ba Kansala okusobola okutuukiriza emirimu gyabwe obulungi wateekwa okubaawo empuliziganya ennungi eri abatuuze bebakiikirira, eri abantu abalala nabo benyini munda.Bo benyini okuwuliziganya obulungi kyetaagisa akakiiko okuteekawo enteekateeka ennambulukufu ku by’empuliziganya. Enteekateeka z’akakiiko ka Gavumenti ez’ebitundu ku by’empuliziganya kalaga ebyo byebalina okuwuliziganyamu era n’obuvunanyizibwa bwabuli omu okusobola okukituukiriza.Gavumenti ey’ekitundu erina okuba enambulukufu ku ebyo byebetaaga okusobola okutumbula empuliziganya yabwe.

Ebigendererwa by’empuliziganya

Ebigendererwa mu mpuliziganya bikulu nnyo mukuteekateeka empuliziganya ennungi.Ebigendererwa bino era biyamba kulondoola n’okwekennenywa empeereza.

Nga Kansala olina okwebuza lwaki olina okuwuliziganya obulungi.okikola ku:

Kumanyisa nteekateeka oba ebyo ebitanakolebwako/eby’okuleeta / enkyuukakyuuka

- ◆ Okukyuusa empisa n’endowooza
- ◆ Okutumbula obuwulize, okugeza eri etteeka eppya.

- ◆ Okukubiriza abalala okwettanira empeeriza ya gavumenti
- ◆ Okufuna obuwagisi, oba okugula abalala
- ◆ Okuzzaamu abantu amaanyi.
- ◆ Okukunga abantu okukolera awamu, obuguminkiriza oba okubayamba okuwagira enkola z'agavumenti
- ◆ Okuleetawo empuliziganya n'okuddamu ebyo ebiba biwuliddwa.

Abatunuuliddwa

Oteekwa okulaga abo bogenderedde okutuusaako obubaka bwo. Kino osobola okukikola bwotunnulira bani abakwatibwako oba abakosebwa enkyuukakyuuka eyo.

Okunoonyeeza

Oteekwa okusooka okwebuza ku abo bonna abakwatibwaako ensonga gy'oyogerako

Obubaka obukulu

Bwomala okwebuza olina okulambika obubaka obukulu bw'oyagala abo abakwatibwaako okutegeera n'okukolako.

Okufuna obubaka obukulu, lowooza oba nga oyagala oku:

- ◆ Kubabangula—okubategeeza ku kigenda okubaawo oba enkuukakyuuka mu tteeka.
- ◆ Okubazzaamu amaanyi—okubakubiriza okwenyigira munteekateeka n'okutegeeza we baba batuuse.
- ◆ Okubategeeza n'okubakakasa nga obabuulira ku ekyo ekyasaliddwawo.

Eby'okulabirako by'obumu ku bubaka ba Kansala bwebayinza okwagala okutegeeza

- ◆ Okukakasa nga onaaba mu ngalo buli lw'ova mu kabuyonjo, lya emmere eyokya yokka era kakasa nga esanikirwako okwewala obulwadde bwa cholera.
- ◆ Sente za NAADs eri abibiina by'abakya n'abavubuka. Genda ku kitebe ky'eggombolola lyewammwe okumanya ebisingawo.
- ◆ Obubaka bw'oteekateeka o9kusindika bulina okuba nga tebukyuukakyuuka. Muky'okulabirako kyaffe waggulu, obubaka bulina okuba nga bukwaata kukuziyiza cholera n'okumumalirawo ddala mu gombolora eyo.

Obubaka bulina okutegekebwa okutuukana n'oyo gw'obusindikira so SSI ggwe obusindika. Bulina okuba nga buli mu bufunze era nga buli mululimi olutegeerekeka era nga butegerekeka eria abo bo buwandiikidde.

Engeri yokuwuliziganya mu

Bino by'oba olina okukola okutuusa obubakabwo gy'oyagala butuuke. Biki by'ogenda okukola? Ani agenda okuzannya buli kitundu okukakasa nga obubaka butuuka gy'oyagala butuuke?

Ebika by'empuliziganya

Emikutu gy'ogenda okweyambisa okutuusa obubaka bwo gy'oyagala butuuke. Egimu ku mikutu gyegino:

Emikutu gy'amawulire. Gino myangu nyo naye tegitera kukola bulungi. Ekisingako kwekubasisinkana maaso ku maaso abagenda okutuusa obubaka bwo gy'oyagala butuuke.

- ◆ **Yintaneti:** Sooka webuuze bameka abakozesa yintaneti mu kitundu ky'abo boyagala okutusaako obubaka bwo. Eno enkola teri ku buseere ate nga etuuka eri abantu abawerako era nga musobola n'okugabana mwenna ebirwoozo.
- ◆ Obutabo bwa Pamphlets/brochures/fact sheets
- ◆ DVDsmu bifo mw'oaba osuubira okulaga filimu okusobola okutuusa obubaka bwo.
- ◆ **Ladiyo:** Eno eyamba okusasaanya amawulire mu bwangu naddala mu byalo wesinga okukozesebwa nga empuliziganya esinga zonna.
- ◆ **Enkiiko z'ebiyalo:** eno enkola nungi kuba eyamba enjuyi zombi okuwuliziganya.
- ◆ FGD (Okukubaganya ebirwoozo mu bibinja) eno ekozesebwa nnyo mu kunoonyereza nayo nga eyamba enjuyi zombie okuwuliziganya.
- ◆ **Email:** Nyangu okutuusa obubaka wadde nga empuliziganya eyinza obutayita mu bwangu kiri awo.
- ◆ **Olukalala lwa mails:** Nga ojeeko abo bolina mu lukalala lwo, bokolagana nabo bayinza okuba nabo boyagala okutusaako obubaka mu lukalala lwabwe. Eno mugikozese bulungi.
- ◆ **Mail Obutereevu:** Ebbaluwa eri abo boogenderedde.
- ◆ **Okuyita mu bakulembeze abali eky'okulabirako eri abalala:** okukuyita mu bakulembeze bano ky'ongerera okufuula obubaka obuzito

- ◆ **Events/ ebikujjuko:** Bino bikulu nnyo eri ebirango ebikulu.
- ◆ **Billboards:** Bino bikola naddala eri ebirango eby'olukale
- ◆ **Ekirango eri bonna:** Kino kikola naddala mu bifo eby'olukale awasobola okukubaganyiza ebiriwoozo.
- ◆ **Ebyetaago eby'enjawulo:** Ffaayo nnyo kubantu abalino obulemo oba ebwetaavu obwenjawulo mu kitindu kyo bwoba olina ky'otegeeza abantu. Osobola okuyita mu mizaanyo, okufuna abataputa eri ba kiggala okukakasa nga nabo amawulire bagafuna.
- ◆ **Embalirira:** Enkola gy'osazeewo okukozesa egenda kukumalako ssente meka? Kino kijja kusalawo ssente meka ezetaagibwa.
- ◆ **Okulondoola n'okwekeneenya:** Kino kikulu eri buli nkola ey'empuliziganya eba yeyambisiddwa kuba ky'ekiraga oba nga ddala ekola. Era okwekeneenya kiyamba ne gavumenti okusobola okulaga ensasanya y'ensimbi za gavumenti ey'eyambisiddwa. Kino era kiyamba n'obukiiko bw'ekyalo okudaabulula ebitundu eby'enjawulo ebitundu ebitakola bulungi.

3.1.1. Okukozesa emikutu emippya egy'empuliziganya okutumbula obuweereza mu bukiiko bw'ebyallo

- ◆ **Website:** Buli gavumenti ey'ekitundu gigikakatako okutandikawo webusayiti era nga eno ekolwako enkyuukakyuuka buli lw'ebaawo. Webusayiti za gavumenti ez'ebitundu ziyamba okuwa abantu amawulire ku nteekateeka za gavumenti, embalirira n'embeereza endala ez'enjawulo.
- ◆ **Socialmedia:** Kitegeeza emikutu egy'enjawulo egiyamba abantu n'ebitongole eby'enjawulo okuwuliziganya nga gyeyambisa tekinologiya owa yintaneti. Mu zino mulimu: email n'obubaka obuggyirawo, facebook, twitterneblogs wamu n'emirala. Enkola eno eyamba enjuyi zombie okuwuliziganya era nga abantu n'ebitongole basobola okuwuliziganya okuyita mu bifaananyi, mu ddoboozi oba ebifaananyi ebikwaatiddwa ku lutambi. Okusobola okuwuliziganya obulungi enkola eno eya social media erina okukolaganira awamu n'enkola e'zekinansi nga Ladiyo nenkungaana endala okusobola okusobozesa abantu okuwuziganya obulungi.

Lwaki social media yamugaso nnyo eri ba Kansala b'ebyallo?

- ◆ Enkola eno esobozesa ba Kansala abatuuze by'etaaga okumanya mu bwango ddala ate awatali buseere.
- ◆ Esobola okweyambisibwa mu kukola okusalawo. Eky'okulabirako akakiiko kaliko kye kabadde kakubaganyaako ebirowoozo nga tekannasalawo

abatuuze kyebaloozoza kunsonga eyo kisobola okufunibwa okuyita mu nkola eno olwo nebyokka basalawo.

- ◆ Kibayamba okutegeeza okusalawo kw'akakiiko eri abalonzi.
- ◆ Kisobola okukozesebwa okutegeeza abantu ebyo ebiba biguddewo... okugeza singa wabalukawo ekilwadde nga Cholera. Enkola eno esobola okweyambisibwa okutegeeza abantu n'ebyo bye basobola okukola okubwewala. Mu bifo awatali mpapula z'amawulire enkola eno era esobola okweyambisibwa okuwuliziganya obulungi n'abatuuze.
- ◆ Okuyita mu nkola eno obubaka busobola okuweerezebwa eri abatuuze era nafunirawo okuddibwamu omulundi gumu.
- ◆ Enkola eno era esobola okweyambisibwa okutumbula enkola yonna Kansala gy'ayagala abatuuze okwetaba mu.
- ◆ Enkola eno era esobozesa empuliziganya ekiseera kyonna wonna wooba oli. Tekikwetaagisa kumala ku kunganira mu kifo okuwulizigaanya.
- ◆ Enkola eno eya social media era esobozesa akakiiko okwetuusiza obubaka bwaako awatali kuyita mu mikutu mirala mwebamala okwekeneenya oluusi n'okukyuusakyuusa obubaka obugendereddwa.
- ◆ Esobola okweyambisibwa okutegeeza abatuuze wa webasobola okufuna obubaka obw'engeri yonna. Eky'okulabirako okubalagirira ew'omukwanaganya wa NAADs mu gombolora asobole okugabana nabo enteekateeka za NAADs mu mwaaka ogwo ogw'eby'ensimbi.
- ◆ Abatuuze basobola okweyambisa enkola eno eya social media okutegeeza ba Kansala obuzibu bwebasanga, nga empeeraza embi oba empeeraza okuzingama.

Ba Kansala bye balina okussa mu bwongo nga bakozesa enkola eno eya social media ne SMSChat;

- ◆ Tomala gawerezaayo bubaka bw'oteekakasa kubanga bw'omala okubuweerezaayo oba tokyasobola kubuggyayol;
- ◆ Abatuuze bakusuubira okuddamu ebibuuzo byabwe mu bwangu ddala kubanga eno enkola ekolerawo wonna wooba oli. Bw'okola bwotyo bongera okukwesiga;
- ◆ Manya engeri ennungi ey'okwogeramu n'abantu era esikiriza. Lwojja okusobola okunyeza enkolaganayo nabo;
- ◆ Enkola eno esinga kukolera bavubuka kubanga bebasinga okugyettanira.

- ◆ Enkola eno eya socialmedia erina okukozesebwa wamu n'enmola endala kubanga ssi buli omu nti asobola okugikozesa.
- ◆ Wewale okuva ku mulamwa olemere ku nsonga.
- ◆ Yita abo bokka bolaba nga ddala betaagisa. Bwoba oli mu kibinja kya SMSchat ekya ba Kansala, ate tekyandibadde kirungi kuyingizaamu batali ba kansala.

3.1.2. Ebika bya social media

Face book

Facebook kye kki?

Face book mukutu ogukwaanaganya abemikwano, abakozi, abayizi n'abo ababetoolodde. Webusayiti eno eya fcebook yatongozebwa muFebruary 2004, era nga mukutu gw'abwa nnanyini. Mu January2011, Facebook yaweza abantu abasukka mu bukadde 600. Era okunonyereza kwaJanuary2009Compete.Com kwalaga nga face book bweguli omukutu ogusinga emikutu gya yintaneti emilala gyonna okwettanira munsu yonna.

Kansala w'abakyala Face book eyinza kumuyamba etya?

Omuntu yenna awezezza emyak 18 waddembe okweyunga ku face book. Okwegatta ku face book kikwetaagisa kuba nga email eyiyo, n'ofuna pasiwaadi eyiyo ne pini.

Kansala w'abakyala Face book eyinza kumuyamba etya?

Okusisinkanirako abantu ab'ekikula kyonna, emikwano, beyasomanga nabo, baakola nabo, amakampuni, ba nna bizinensi;

- ◆ Okuwanyisiganya ebirowoozo, ebifananyi, n'ebyo ebigenda bibatuukako;
- ◆ Okukubaganya ebirowoozo ku mtwe gwonna obuba guleeteddwa.



- ◆ Okufuna ebirowoozo by'abantu ku nsonga gy'oyagala. Eky'okulabirako, singa akakiikokaba kagenda okukubaganya ebirowoozo ku mbalirira, osobola okuwandiika ekibuuzo ku face book yo n'omanya endowooza z'abo abali ku lukala lwo olwa face book. Basobola okukuwa amagezi n'ebirowoozo ebizimba by'eosobola okugabana n'akakiiko ne mubikubaganyaako ebirowoozo;
- ◆ Osobola okukozesa face book okwegatta ku bitongole ebimu mwogwa. Eky'okulabirako WDN eriku face book. Esobola okweyambisibwa okufuna okuwabulwa n'ebirowoozo kubukulembeze

Wegatta otya ku facebook.

Email

Engeri gy'osobola okuggulawo email address egattiddwa mu kitabo kino gyekikoma ku Annex A.

Kakasa nga ogoberera enkozesa ekkirizibwa ng'okozesa email yo. Ebimu ku bitera okukolebwa:

- ◆ Laga anti ofunye obubaka okusindikiddwa ku email nga oddamu oyo abukuweerezza.
- ◆ Ddamu obubaka obukusindikiddwa mu ngeri enteeketeke nga otandika n'ensonga eyo eya bukuweerezza gyetyatandise nayo.
- ◆ Kakasa nga empandiika yo yeyo ekkirizibwa era etuukiridde;
- ◆ Jjukira nti email ziterekebwa era zisobola okweyambisibwa mu maaso eyo okukakasa ekituufu.

Omuntu aggulawo atya email address

- ◆ Waliwo emikutu mingi gy'osobola okweyambisa okuggulawo email address nga mu gino mulimu: Yahoo, Hotmail, Gmail, Ymail, n'emirala
- ◆ Ky'olina okukola kwekuggulawo email address awali yintaneti. Kino osobola okukikola mu yintaneti cafe yonna mu kitundu kyo. Bwoba olina Kompyuta erina yintaneti awaka oba ku w'ofiisi nayo osobola okuggulirayo email address.
- ◆ Ggulawo bugguzzi egimu ku mikutu egyo ogende ku "SignUp".
- ◆ Ojja kubuuzibwa ebimu kubikukwaata ko nga: ennaku z'obuzaale bwo, Amannya go, Ensi yo n'ebirala. Kyangu okuggulawo email address mu mannya gto kuba eno nyangu eba nyangu yakujjukira.
- ◆ email address yo eba ne eba n'ennamba eba ennukuta enekusike ezimanyiddwa ggwe wekka. Kino kikuyamba okwekuumira obubaka bwo eri abantu abalala.

Biki by'osobola okukola ne email yo?

- ◆ Omuntu osobola okuwandiika email oba ebbaluwa eri omuntiu oyo gwewetaaga okwogera naye;
- ◆ Osobola okusindikira omuntu yenna gwoyagala ebifaananyi;
- ◆ Osobola okufuna obubaka bwonna okuva eri oyo amanyi email yo;
- ◆ era
- ◆ Osobola okubaako kyonna ky'osaba okuva eri oyo gw'oyagala.

3.1.3. SMS chat

Eno yemu ku nkola epya ezeyambisibwa okuweereza obubaka obuwandiike SMS. Omuntu yenna alina essimu asobola okuweereza SMS okubaako ky'ategeeza munne. Nga omukuleze w'abakyala olina okwegatta ku mikutu gino egyenjawulo okukusobozesa okuwuliziganya nabo buli kadde. SMS chat mpuliziganya ekola ennyo eri ekibinja. Wansi olagiddwa engeri gy'osobola okwegatta ku kibinja n'okukozesa SMS. Eky'okulabirako, osobola otandikawo ekibinja ky'abalonzi nemugabananga ku nsonga ezenjawulo nga SACCOS, ebibiina by'ekkanisa, EBibibiina by'abalimi, ebibiina by'abavubuka n'eby'abakyla. Funa ennamba z'essimu eza'abakulembeze babwe n'abo bebakulembera bataano bataano mu buli kibinja. Bwoba nga olina kyonna kyoyagala okubategeeza ekijja nga ssente za NAADs eziwerezeddwa bookikirira, osobola okuweereza obubaka ebibinja eby'enjawulo n'obategeeza ensonga. Osobola okubasindika ku kitebe ky'egombolola okumanya ebisingawo ku nsonga eno. Okuyita mu SMS oba obategeezezza ekyo kyoyagala bakole.

SMS ejja kwanguyizaako empuliziganya n'abo bookikirira okugabananga nabo obubaka. Osobola n'okukozesa SMS chat okukungaanya endowooza n'abantu oba okukunga abantu ku nsonga ez'enjawulo nga okugogola enzizi n'okudaabiriza enguudo. SMS chat y'enkola esingayo obutaba yabuseere ate nga ekuyamba okutuuka eri abantu abawerera ddala. Ky'olina okusooka okukola kwekuzuula abo abeera n'abantu abawera mu kitundu kyo era ofune ennamba zaabwe ez'amasimu obaggatte kulukalala lwo olwa SMSCHAT.

Mu biseera by'okulonda SMS y'engeri ennyangu ennyo gy'osobola, okubajjukiza okukulonda, okufuna ebirowoozo byabwe n'ebirala.

WDG ewa ba Kansala omukisa okwegatta ku SMS CHAT. Oluggulawo ekibinja, abantyu abenjawulo abali kibinja basobola okufuna obubaka obusindikiddwa era nabo basobola okusindika.

Ebibinja bya Chat bino birimu ebika bibiri;

- ◆ Ekininja kya LocalWDGchat; nga kino kisobola okutandikibwawo ku disitulikiti. Okugeza WDGA(Aeya Arua)
- ◆ Ekibiina kya National WDGchat; WDG

Endagiriro y'okukozesaamu enkola eno eya chat (bwe tutwaala Arua nga eky'okulabirako)

Eky'okukola	Ensengeka y'obubaka	Eky'okulabirako
Okwegatta ku kibinja ekyatandibwaawo edda.	JOIN [Groupname]	JOIN WDGA
Okusindika obubaka eri ekibinja	POST [Groupname] [Message]	POSTWDGAotegeeze- bwa nti okwewandiisa mu NAADs kwankya ku w'ofiisi z'akakiiko.
Okubaako gw'oyita okwegatta ku kibinja	INVITE [Contact(s)] [GROUPNAME]	INVITE 0714256372,0712920498 WDGA
Okukomyawo obubaka bwonna obw'emabega eri ekibiina	LIST MESSAGES [Groupname]	LIST MESSAGES WDGA
Okubaako obubaka bw'osoma ku obwo bw'okomezzawo.	READ [MESSAGEID] [GROUPNAME]	READ I WDGA
Okulekera awo okufuna obubaka okuva mu kibinja	STOP [Groupname]	STOP WDGA
Okubala omuwendo gw'abo abaali mu kibinja	COUNT [GROUPNAME]	COUNT WDGA
Okutegeezebwa ebigenda mu maaso mu kibinja kyewatandikawo /kyolimu okugeza singa oli y'egatta bwegassi ku kibinja.	NOTIFY [GROUPNAME]	NOTIFY WDGA
Okulekera awo okufuna obubaka okuva mu kibinja	OFF [GROUPNAME]	OFF WDGA

Bwomala okuwandiika obubaka buweere ku6040okugeza

Okwegatta ku kibiina kya WDG ekyaa Arua, wandiika: JOINWDGA owereze ku 6040.B Kansala okusobola okukozesa SMS obulungi balina okukakasa nga tebassukka bubaka bukkirizibwa nkola eno, era kiba kibetaagisa okumanya ennamba z'essimu abakayala banaabwe bebakirizaamu, ez'abakulembeze b'abavubuka, abakulembeze b'enzikiriza, abeby'amawulire nez'abakulembeze abalalanga zonna zigatibwa ku lukalala lw'ekibinja. Olwo buli lwewabaawo obubaka bwonna obuweerezebwa buba bubatuukako era basobola okweyambisa SMS chat okuwuliziganya. Obuvunanyizibwa okulonda abo boyagala okwetaba mu kibinja buli eri ggwe. Olweggatta ku kibinja kya SMS chat, obubaka obwa message emu eri ekibinja kyonna busasulwa nga message emu. Ekitegeeza nti SMS bweba ya 50/=, ggwe n'obwo'oweereza obubaka obwo abantu abassukka mu 100 omulungu ogumu, bakusala 50/= olwa code eyo esasulirwa aba WDG.

3.2. Okwogera mu bantu

Kisimbuddwa mu FOWODE's Guide Winning Political Elections(2010) ne UNDP's Handbook y'abakyalala.(2010)

Munabyabufuzi yenna alina okumanya okwogera obulungi mu bantu. Okwogera kwa Kansala kikulu nnyo mu kumartiza abalonzi, bakozi banne ne ba nnamawulire.

Okusenziira kitabo ekinyonyola ebigambo ekyaa Webster dictionary' kinyonyola nti okwogera mu bantu y'ensengeka y'ebigambo n'okwogera obulungi eri abantu.

3.2.1. Lwaki kikulu nnyo Kansala w'abakyalala okumanya okwogera n'akakiiko wamu n'abalonzi?

- ◆ Kileetera omuntu okwekakasa kyayogerako saako okukyogera n'obuvumu.
- ◆ Banabyabufuzi gemaloboozi g'abalonzi. Omwogezi omulungi kimwanguyira okwogera ensonga z'abalonzi be mu ngeri enteeketeke obulungi; era
- ◆ Era okuyita mu kwogera Kansala w'abakyalala asobola okwogerera n'okukunganya ebirowoozo ebizimba abalonzi be wamu n'ekitundu kyonna.

Okusobola okuba omwogezi w'omu bantu omulungi, olina okumanya okunoonyereza, okwebuuzza, okuteekateeka n'okusengeka byonna okutuukana n'abo bagenda okwogereramu okusobola okubitegeera n'okubissa mu nkola.

3.2.2. Biki omuntu byasobola okukola okusobola okuba omwozezi omulungi?

- ◆ Beera mwetefuteefu okukola okunoonyereza ku mutwe gwonna gwoba ogenda okwogerako.
- ◆ Bwoba nga ayogera sigala ku mulamwa
- ◆ Obubaka bukuteeketeke nga bumpi era nga butegeerekeka bulungi era kikole n'okwagala
- ◆ Beera mwegendereza nga okozesa ebatuukako nga eby'okulabirako era wa n'ebiyokulabirako ebirala.
- ◆ Bwoba oyimiridde kakasa nga wegolodde bulungi era kakasa nga owulikika bulungi.
- ◆ Tunuulira abantu boyogera nabo.
- ◆ Beera mumativu era laga obukugu mu ekyo ky'oyogerako.
- ◆ Laba obumanyi ku nsonga gy'oyogerako.
- ◆ Tewekubiira
- ◆ Yogera mpolampola naye nga otegeerekeka bulungi
- ◆ Fuba okulaba nga oddingana obubaka obukulu bw'oyagala abakuwuliriza beetwaalire nga bunio osobola okubugya mu bubaka obuweerezebwa bulijjo.

Okubeera omwetegefu: Engeri gy'osobola okulengereramu ewala:

- ◆ Webuuze: Ani?Ekiki?Atya?Ddi?Wa? Lwaki?(Who? What? How? When? Where? Why?)
- ◆ **Ani (who) gw'oyogera naye?** Biki by'ebasinga okwagala?Biki by'ebibakwaatako bonna wamu?Kyanjawulo ki kyebalina eri abalala?Kola okunonyereza okumala ku abo bogenda okwogereramu.
- ◆ **Biki (what) by'ogenda okwogerako?** Engeri yokka ey'okuddamu kino kwekwebuuze engeri gy'osobola okufunamu obuwanguzi.Onomanya otya nga oyogedde byonna by'ogenderedde okutegeeza?Lowooza ku kigendererwa ky'obubaka bwo.
- ◆ **Obubaka bwo obuteeseteese Otya (how)?** Olulimi kikulunnyo n'ebikolwa ebigenderako. Londa ebigambo byo n'ebikolwa ebinabigenderako nga olowooza ku bantu b'ogenda okwogereramu. Manya engeri gy'onatandikamu, amakkati n'okuwumbawumba.Ekifo n'obudde bwebiba bikusobozesa osobola n'okweyambisa amaloboozi oba ebifaananyi ebikwaate ku ntambi.

- ◆ **Ddi (when)? Ekiseera eky'okwogeramu kikulu nnyo.** Teekateeka obubaka bwo busobole okutuukira ddala mu kiseera we businga okwetaagirwa. Wakiwo ekiseera ek'okwogera n'ekiseera eky'okusirika. “wakiri osirika okusinga okuyimba mu ddoboozi ebbi”
- ◆ **Wa (here)? Wa gy'ogenda okwogerera obubaka bwo buno?** Kyandikwetaagisa okusooka okukyalira ekifo mwogenda okwogerera. Eky'okulabirako kiyinza okukwetaagisa okuddamu okutegeka entebe. Era okebere obusobozi bw'okweyambisa amaloboozi oba ebifaanyi ebikwaate ku ntambi.
- ◆ **Lwaki (why)?** Okusobola okukwaata abakuwuliriza omubabiro, olina okusooka okumanya lwaaki balina okukuwuliriza – era obategeeze bwekiba kyetaagisa. Kiki ekinabawaliriza okukuwuliriza? Kino kitegeeze olina okwetegeera ggwe kenya lwaki oyagala okutegeeze by'oyagala okubategeeze- omugaso gwebyo by'oyagala okubategeeze.
- ◆ **Yita mu bufunze.** Yita mu bufunze. Tokozesa bigambo biwanvu nnyo. Bwekiba kisoboka bisikize ebigambo ebimpimpi era ebyangu by'okutegeera kikusobozese okuggyayo obulungi obubaka bwo.

3.2.4. Omwozezi w'omubantu- Byolina okumanya Engeri gy'olabikamu:

- ◆ **Bwoba osomesa oba oyogera eri abantu buli okutunuulira.** Oteekwa okuba nga ddala oyambadde bulungi. Leak kwambala ngoye ezimasamasa. Wewale okwetonatona ennyo kuba bino bigya abawulirizaabo ku mulamwa. Essira balina kulissa kuby'oyogera so ssi by'oyambadde.
- ◆ **Engeri gyeweyambisaamu omubiri gwo:** Engeri gye weyambisaamu omubiri gwo eraga ebittundu 50% ekyo ky'oyogerako. Kakasa nga oyimirira buterevu mu ngeri esaanidde. Emikono gyo girina kuba kumpi n'ekiwato kyo. Togizingira mabega wadde okukwaata mu nsawo.
- ◆ **Okutunnulira abantu:** Fuba okulaba nga b'oyogereramu bonna obalaba bulungi buli lw'obatunuulira. Kino kikuyamba okuymanya oba nga ddala bakuwuliriza. Bwoba nga oba tidde, tunula waggulu kumitwe gyambwe. Bajja kulowooza nti oba tunuulidde.
- ◆ **Entunula yo: Seka bw'oba nga kyoyogerako kyetaagisa okuseka.** Ate wewale okuseka mu mbeera ey'ennanku okugeza mu kuziika. Entunulayo erina okukwaatagana n'eomukono gw'oliko wamu n'obubaka bw'oyagala okubategeeze.
- ◆ **Eddoboozi:** Yogera n'eddoboozi buli omu ly'asobola okukuwuliriza obulungi. Ate bwolikumira awo wokka kireetera abakuwuliriza okwebowa. Oyinza okusiriikiriramul, okukangula u ddoboozi oba okulissa ennyo osobole okukaatiiza ensonga enkulunyo.

- ◆ **Singa oba otya:** Buli omu afuna okltya bwaba ayogera eri abantu abangi. Kino kyabulijjo. Okwanganga kimno kitwaale nti boyogereramu bantu nga ggwe era bakwagaliza buwanguzi. Bwoteekateeka obulungi obubaka bwo era n'omanya n'abantu boogenda okwogereramu oba wekakasa ky'oyogerako. Nga tonnayogera n'abantu sooka okole bino, sooka okyaaleko mukifo gy'ogenda okwogerera; kakasa nfga omutwe gw'ogenda okwogerako ogutegeera bulungi okuvira ddala ku ntandikwa, ekinyusi n'okuwumbawumba. Oyinza okusooka okwogerera mu banno n'obasaba bakubbulire buili kyalabye. Yambala bulungi muli naawe owulire nga oli mumativu. Osobola okutandika n'okusaaga oba enjogera yonnaekwaatagana n'omutwe gw'ogenda okwogerako. Kino kikakanya abakuwuliriza.

3.2.5. Ebibeera mu mbooji OBw'omala okukungaanya ebirowoozo, biteeketeke ogyemu ebyo ebikontana. Osobola okweyambisa bino:

- A. Entandikwa: Tandika ne kyetuyita "ear-opener"-oyinza okutandika n'okusaaga oba nga obanyumiza embooji ekukwaatako. (okugeza, Singa owebwa omukisa okwogera eri abo abali mu Univasite gyewasomeranga, osobola okutandika nga obanyumiza ebyakutuukangako nga omuyizi, banyumiza lumu ekjaliwo mu tiimu yammwe ey'omupiira...) kino kija kukuyamba okukwaata omubabiro bonna n'okukusaasira.
- Banjulire boogenderedde okwogera nabo okusinzira ku mutwe gw'ogenda okwogerako. (okugeza, Leero njagala tutegeere lwaki akakiiko kalina okw'ongera ku buyambi obuwebwa ekitundu kya Oli okusobola okukikulakulanya")
- B. Ekinyusi: Londa ensonga enkulussatu ku mulamwa gwo. Ate era tegeera nti n'essatu zisobola okukaluubirira abantu okujjukira. Funa eby'okulabirako n'obukakafu obulala obusobola okunogaanya ensonga. Osobola n'okweyogerako nga eky'okulabirako oba okweyambisa embooji endala yonna.

Eby'okulabirako:

- 1. **Endowooza:** Ensoma embi mu division ya Oli.
- 2. **Endowooza:** Okusomesa abaana naddala abobuwala kikulu nnyo eri ebiseera byaffe eby'omu maaso.
- 3. **Endowooza:** Enkola ez'enjawulo n'ebyo ebisinga okwetaaga ensimbi.
- C) Okuwumbawumba Engeri gy'owumbawumbamu embooji kikulu nnyo. Kino abo abakuwuliriza kyebajja okujjikira nga bazzeeyo ewabwe. Fuba okuwumbawumba nga okkaatiriza ensonga enkulu z'ogenderedde era era ozisimbeko essira nga omaliriza.

EKITUNDU 4:

OKUWOLEREZA

Kisimbuddwa mu UWONET (2010) Advocacy Skills Training Manual and a presentation delivered by Sheila Kawamara Mishambi at a Training of Trainers Workshop for Women's Democracy Group Trainers on March 27, 2013 in Kampala-Uganda

4.1 Okuwolereza kye ki?

Okuwolereza kye ki? Eno y'enkola etandikibwawo abatuuze oba ekibinja ky'abatuuze okugeza ekitongole eky'obwa nnakyeewa, abakulembeze n'ebitongole ebirala okuleetawo enkyuukakyuuka. Kino era kitegeeza okwogerera n'okuwugula ebirawoozo by'abantu okubizza ku nsonga enkulu ennyo, n'okusalawo okumalawo ekizibu. Advocacy kwekukolera awamu n'abantu abalala wamu n'ebitongole okuleetawo eky'enjawulo.

Ba Kansala b'abakyalabalina okutuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe okuleetawo enkyuukakyuuka mu bantu baabwe. Enkyuukakyuuka eno esobola okuba mu by'obulam, eby'enjigiriza, eby'obulimi, okutumbula eby'enfuna omusolo n'ebirala.

Okuwolereza oba Advocacy eno tugyetaaga ddi?

- ◆ Eggwanga bweriba n'abakulembeze abemanyi ery
- ◆ anyi era ba nnantagambwaako.
- ◆ Eggwanga bweriyinga obunafu ng'abantu tebasobola na kufuna bukuumi eri obulam bwabwe.
- ◆ Obuvunanyizibwa bwebubulira ddala mu bantu.
- ◆ Mu biseera eby'entalo z'amadiini n'amawanga.

4.2. Ebika by'okuwolereza kuno by'ebiruwa?

Erimu ebika ebikulu bibiri eby'enjawulo. Advocacy eri omuntu kinnomu n'e advocacy eri ekyuukakyuka mu mpeereza oba enkola. Ey'omuntu ki noomu eno essira erissa ku kukuusa embeera y'omuntu n'okukakasa nga yeyagalira mu ddembe lye. Advocacy ey'enkola (systems advocacy) eno essira erissa ku

kukyuusa enkola oba amateeka ku ddaala eraya wansi, eri eggwanga lyonna n'ensi yonna okutwaalira wamu, okukyuusa embeera y'abantu oba ebibinja by'abantu abanyigirizibwa ebizibu ebifaanana. Wadde nga enkola eno eyamba okutumbula empeereza eri omuntu owabulijjo, etwaalira ddala ekiseera okumalirawo ddala obuzibu.

4.3. Nkola ki ez'okuwolereza omuntu z'asobola okweyambisa okuleetawo enkyuukakyuuka?

Okulonda; Okukunga abantu bonna, Ekikolwa eky'abantu bonna awamu (omuli abatuuze okugyeema) okusabiriza; okukkaanya, okusaba okukakkanya n'ebiragiro bya kkooti.

Mu advocacy tu: Twebuuzza singa eryanyi lissukka mu by'obufuzi, twebuuzza era netuwa eky'okuddamu ku ani alina okufuna ki; afuna kyenkana ki era ddi? Okubuulirira n'okusikiriza abo abali mu buyinza okuteeka mu nkola enkola zonna eziruubirira okutumbula embeera n'obulamu bwabo abatesobola n'abatalina mwasirizi.

Ekgenderwa kya advocacy kwe: kwe kukyuusa embeera mu bantu okukakasa nga waliwo amazima n'obwenkanya wamu n'okwenyigira mu kusalawo mu bitongole eby'enjawulo; n'okukyuusa obukulembeze mu bitongole ebyo.

Advocacy yakuddamu eri: Amateeka agatali ga bwenkanya, Eri abantu oba ebitongole ebivvoola eddembe ly'abalala, eri abo abatulugunya n'okukosa abulamu bwabwe, eri abo abasosolebwa n'okuboolebwa, Obutaweebwa ddembe lyo ng'omutuuze n'okusosolebwa olw'eggwanga lyo, ekika kyo, enzikiriza yo n'ebirala.

Emitendera gy'okutuukiriza advocacy ettukiridde

Omutendera ogusooka: Nnyonyola ensonga eno eya advocacy

- ◆ Buzibu ki? Era kiki kyewandyadde?
- ◆ Kiki kye wetaaga okutegeera ku nsonga eno? Ogenda ku kitegeera otya?
- ◆ Egendererwa kyo ki ekikulu mu nkyuukakyuuka gy'oyagala? Baani abagenda okuganyulwa era batya?

Omutendera ogw'okubiri: Nnyonyola ebigererwa byo mu advocacy eno.

Biki by'oluubirira?

Kinayamba okutumbula embeera n'obulamu bw'abantu? Kinayamba okuzza obuyinza mu bantu? Kinaaletawo enkuukakyuuka ey'omuggundu mu

bantu bonna? Ddala kyamugaso era kituukiikako mu bbanga eggere (wakati W'emyezi omukaaga n'emyaka ebiri) Kinayamba okwongera okuyimirizaawo ebitongole ne bebakolagana nabo? Kinayamba abantu okuweebwa eddembe lyabwe n'okuleyagaliriramu? Kinaaletawo eky'okuddamu eri eddibu mu by'obufuzi? Kinaakuyamba okutuukiriza ekigendererwa kyo n'ebiruubirirwa byo? Kinateeka ensonga y'abatuuze ku maapu y'ensi yonna, Kinaatukikako n'obuwanguzi? 25 Will it have a clear political and policy solution? Will it enable you to further your vision and mission? Will it link the local concerns to global issues? Will it be achievable and winnable?

Omutendera ogw'okusatu: Okunyonyola abo boogenderedde

Ani asobola okuleetawo ekyukakyuuka gy'oyagala advocacy?

Abookusalawo—Abo abalina obuyinza okusalawo eri —okusalawo nga ku by'etaka-okutuukiriza oba okulemesa enkyuukakyuuka.

Abongera amanyi ensonga—abo abalina obusobozi okuzimbulukusa ensonga y'abantu n'ekirizibwa bonna okukolebwako mu bwangu.

Wegerageranyeeke n'abo abatakiriziganya naawe: Webuuze lwaki tebakiriziganya naawe? Banakuwakanya kutuuka wa? Obusobozi balina bwenakawa—mu by'ensimbi, obusobozi, obumanyi, okubeerawo kwabwe; Buyinza bwa nnabaki bwebasobola okweyambisa gyetuli? Kiteeka obulamu bwaffe mu katyabaga? Beteeseteese batya n'ebirala. Ebigendererwa byabwe by'ebiruwa era balina bukodyo ki? Biki by'ebasobola okukola okutulwanyisa? Abagoberezi baabwe bebaluwa? Waliwo kyebakiriziganyako naffe? Waliwo ensonga zetusobola okukkaanya ko n'okwerekereza ebirala ku lw'obulungi bwaffe ffenna wamu?

Omutendera ogw'okuna: Biki by'osobola era busobozi ki bw'olina eri advocacy? Ekibiina kyo mu kiseera kino kiri luddawa? Busobozi ki era bunafu ki bwe mulina? Obuwagizi mulina bungi era bwamanyi ky'enkana wa? Olina b'osobola okukolaganira awamu nabo? Abakuyega bonna balina ekigendererwa ky'ekimu? Ddala mukaanya era musalirawo wamu ku nsonga ez'enjawulo? Biki ebisobola okubayimirizaawo?

Omutendera ogw'okutaano: Action plan: Okuteekateeka eky'okukola: Kiki ky'osinze okutunuulira? Mateeka, nkola, Ku salawo kwa bukulembeze obuliwo? edde? Nsonga ki kwemusobola okuwangulira abalala? Ddi lwelina okutandika okuteeka advocacy mu nkola?

Omutendera ogw'omukaaga: Okuteekateeka obubaka: Olina obubaka obuteekateekeddwa okutuukana nabo b'ogenda okwogereramu? Obubaka bwo butuukiridde era butuukana n'ebyo abakuwuliriza bye betaaga.

Omutendera ogw'omusanvu: Ababaka: Babaki abasinga abo be weyambisa eri abo bogenda okwogereramu? -- Bakuku mu nsonga eyo? Ono bayingiza otya mu kintu? Biki by'ebetaaga okusobola okutuusa obubaka nga bwekyetaagisa?

Omutendera ogw'omunaana? Boosobola okukolaganira awamu nabo: Bantu ki oba bitongole ki ebirala ebikwatibwaako ensonga eyo? Birungi ki era buzibu ki obuyinza okuva mu kukolaganira awamu nabyo? Osobola okukolaganira awamu nabyo? Osobola kubimatiza otya okwegatta n'okukolera awamu nabyo?

Omutendera ogw'omwenda: Okutuusa obubaka: Bukodyo ki obusinga bw'osobola okweyambisa okutuusa obubaka? Kubasaba butereevu oba okweyambisa enkola ey'amateeka? Mikutu gya mpuliziganya? Okukunganira mu kizimbe mu kabuga? Okukunga abo abasookerwako wansi? Okukola butereevu (okugeza. Okwegugunga, okwekalakaasa, okugabira buli omu obupapula)? Okutegeeragana oba okweyambisa kkooti?

Omutendera ogw'ekkumi: Abalala abawulira: Baani abokuganyulwa mu ebyo by'ogezaako okutuukako? Basobola okukwegattako nga ababaka oba abo bwemukolaganira awamu? Baani abayinza okufiirwa? Abakuwakanya nsonga ki ze bawa? Ggwe obaddamu otya?

Omutendera ogw'ekkumi n'ogumu: Ensonga e'zebweeru: Abali mu buyinza ensonga ya advocacy bagyogerako ki? Busobozi ki bwe balina, ebimalemesa n'ebyo ebiyinza okubassa mu katyabaga?

Omutendera ogw'ekkumi n'ebiri: Ekiseera ekyokuteeka byonna mu nkola: Ebiluubirirwa byakutuukibwako ddi? Biki ebirina okuggwa ddi? Ani alina okukola ki era ddi?

Okulondoola n'okwekebejja: INg'otuukiriza byonna wateekwa obubaawo enkola egobererwa okulondoola n'okutuukiriza byonna – okulaba kiki ekitagenda bulungi n'okumanya kiki ekyetaagisa? Enkola eyo ekyali ya mugaso oba oba tekyalina makulu? Kola enkyuukakyuuka buli lwe wabaawo ekigaanye okutambula.

EKITUNDU 5:

OKUKULEMBERAMU ENTUULA Z'AKAKIIKO

Adapted from WDN-Uganda Chapter brief to local councillors (2012)

5.1 Engeri entuufu gy'osobola okukulemberamu entuula z'akakiiko

Akakiiko nga tekannatandika

- ◆ Entuula z'akakiiko ziteekateekebwa omw'ogezi w'akakiiko era n'ezirangirirwa omukulembeze wa kakiiko eri bonna. Naye bwe kiba kyetaagisa, akulira akakiiko asobola okukyuusa ennaku z'omwezi akakiiko kwe kalina okutuulira;
- ◆ Ebinatesebwaako mu lukiiko birina okuteekateekebwa akulira akakiiko oluvanyuma lw'okwebuuzza ku oyo akulira ekitongole eky'ebyo ebigenda okuteesebwaako. Olukiiko bwe lutuula, ebireteddwa okuteesebwaako bisooka nebyanjulirwa abateesa bonna nga tebinayisibwa. Omuwandiisi w'akakiiko alina okuwandiikira akakooko byonna ebijisibwa akakiiko.

Olukiiko bwe lutuula

1. **Okutumbula obumu:** Akulemberamu olukiiko alina okufuba okulaba nga buli mukiise mu lukiiko aweebwa omukisa okwenyigira mu kuteesa awatali kusosolwa olw'ekibiina kye eky'eby'obufuzi. Jjukira nti olukiiko lw'okukulembera ssi lwa kibiina kyo eky'eby'obufuzi wabulakya bakulembeze okuva mu bibiina eby'enjawulo. Kikulu okumanya nti ebirowoozo by'abalonzi byeyolekeramu abo ababakiikiridde.
2. **Okuba omukugu:** Nga omukulembeze oteekwa okuba okunoonyereza n'okuna bwiino amala ku mutwe ogugenda okuteesebwaako kino kikusobozese okuba n'obuvumu wamu n'obukakafu ku ky'oyogerako erakikusobozese okulunganya olukiiko.
3. **Obutemotyamotya:** Omukulembeze w'olukiiko atekwa okuba omuvumu ekimala okusobola okuwemukira bonna abayinza okugezaako okutaataganya olukiiko. Abakulembeze abaggya ku bukiiko batera nnyo okubuzibwabuzibwa kino nekireetera oluukiko okwesiba. Omukulembeze

w'olukiiko atekwa okuba nga teyemotuyemotyamoty. Abakulembeze b'obukkiko abamu baagala buli muntu abeeko kyamala okwogera nebalinda n'abatuuka ekikeerezi. Bwolinda abo abatuuka ekikeerezi nabo abakuggya ku mulamwa olwo abakiise abatuuse mu budde nabo abali kumulamwa oba obakoze bubi.

4. **Tandika olukkiko mu budde:** Kakasa nga olukiiko lutandika mu budde. Buvunanyizibwabwo nga omukulembeze w'olukiiko okulaba nga abakiise obamanyiiza okukwaata obudde. Buli lukiiko luteekwa okulagibwa ekiseera we lulina okutandikira ne ddi welulina okukomekerezebwa. Musobola okusaagako awo nga olukkiko lutandika naye kion tekirina kugenda wala kussukka ddakiika ttaano. Kuba ebiseera bye mwonoona bijja kubaviirako okwanguyiriza ebiteeso ku nsonga endala musobole okufuluma mu budde obwalangiriddwa.
5. **Okulunganya olukiiko mu kkubo ettuufu:** Omukulembeze ggwe ovunanyizibwa okukubiriza olukiiko okukakasa nga lusigala ku mulamwa. Ateekwa okukakasa nga abakiise bonna bategeera bulungi ensonga ez'okuteesaako kibasobozese okuleeta ebiteeso ebiri ku mulamwa. Singa wabaawo ekiteeso ekireetebwa ekitali ku mulamwa, omukulembeze waddembe okuddamu n'ekibuuzo ekisobola okuyamba omuteesa okuteekateeka ensonga ye okutuukana n'omulamwa.
6. **Ebinakozesebwa mu lukiiko bifune mu budde.** Omukulembeze w'olukiiko kolagana n'omuwandiisi okukakasa nga kino kikolebwa. Ebyatesebwaako mu lukiiko olayita n'ebinyonyola ensibuko y'ebyo ebigenda okutesebwaako birina okuweebwa abateesa nga olukiiko lutandika.
7. **Mukakase ebigenda okutesebwaako era mubiremereko :** Buli lukiiko lulina okuba n'olukalala lw'ebyokutesaako (agenda) nga bino birina okuweebwa abateesa mu budde. Kino gyekima okuba nga kirambikiddwa bulungi gy'ekikoma okuyamba olukiiko okutambula obulungi. Eby'okutesaako nga " okuteesa ku nsonga z'ebyobulamu mu disitulikiti" kisobola okuleet ebiteeso ebiwera naye n'otafuna ky'oyagala mu lukiiko. Ekiteeso ekyo kyandibadde " Okuteesa ku kusomoozebwa eri eddwaliro ekkulu erya disitulikiti, healthcenter III ne IV" ekiteeso nga ekyo kitegeerekeka. Kikulu okulambika ekitundu ku ebyo ebigenda okuteesebwaako.
8. **Mmanya ebigobererwa mu kukubiriza olukiiko:** Nga omukulembeze otekwa okumanya enkola n'amateeka agagobererwa mu kukubiriza olukiiko okukakasa nga buli omu awebwa omukisa era nga buli kimu kitambula bulungi.

9. **Kuuma ebiteeso (minutes):** Okukuuma ebiteeso kyekinyonyola okusalawo kwonna okukolebwa akakiiko. Ebiteeso ebyo ebyawandiikibwa bikuyamba okumanya ebyo ebyaliwo. Era bino biyamba n'akakiiko ku by'amateeka.

5.2 Biki ebirina obukeera mu biteeso ebiwandiikiddwa (minutes)?

- ◆ Erinnya ly'ekibinja okugeza, Ebiteeso by'akakiiko aka Production Services committee;
- ◆ Ennaku z'omwezi n'essaawa olukiiko lwelwatuula;
- ◆ Ekifo awatuula olukiiko;
- ◆ Abaali mu lukiiko olwo nga saako abagenyi n'abakiise bonna;
- ◆ Ebyo ebyaletebwa okutesebwaako (agenda);
- ◆ Ekiteeso ekyaletetbwa n'omuteesa eyakireeta n'ekyo ekyasalibwawo akakiiko ku kiteeso ekyo (kyayisbwa, tekyawagirwa, bwe waba nga waliwo okuwandiika amannya, laga emikono egya kiwagira.
- ◆ Ebyaava mu kiteeso ekyo birina okugattibwaako okugeza, kyayisibwa n'obuwagizi bw'abantu 6, 4 bebakisimbira ekuuli.
- ◆ Singa wabaawo atalonda olw'ensonga yonna kirina okulagibwa mu biteeso;
- ◆ Ensonga eyenjwulo okugeza singa omu kubalonzi ayagala kirambikibwe bulungi nga teyetaaba mu kuyisa ekiteeso kirina okulagibwa;
- ◆ Ebyakolebwa birina okulagibwa mu buwandiike. Okugeza abakiise bakuwa akakiiko alipoota ku kawerezeeko n'omukulembze wa disitulikiti, byinna birina okulagibwa.
- ◆ Ebirala ebikulu eri akakiiko;
- ◆ Alipoota empandiike./ obubaka/ n'alipoota ku by'ensimbi birina okugattibwa ku biteeso ebiwandiikiddwa (minutes) okwanguyiza oyo asomamu;
- ◆ Ekiseera olukiiko kwe lwa ggalirawo kirina okuwandiikibwa.

Ebiteeso ebiwandiikiddwa (minutes) birina kuba mu bufunze era birina kuba ebyo byokka ebyakiriziddwa okutesebwaako okujjako nga ensonga erina kyeyakola kukusalawo okwatuukibwaako.

1. **Maliriza olukiiko mu budde:** Laga ekiseera olukiiko weluggweera era olemere ku budde obwo. Kino kiyamba abateesa okujjumbira.

5.3 Ensonga omukulembeze w'akakiiko zalina okwekeneenya

Omukulembeze w'akakiiko alina okuba omukalabakalaba okukakasa nga akakiiko kaba n'eb'okutesaako. Obukiiko obumu okugeza mu paliyamenti obulina abakulembeze abanafu bumala ebbanga nga tebulina by'akutesaako.

- ◆ Omukulembeze era talina kukozeza kifo kye okukola ye byayagala oba okuvuvuba abakiise.
- ◆ Okwegezaamu kikulu nnyo okusobola okukulembera akakiiko obulungi. Yigira ku balala ebirungi bye bakola.
- ◆ Omukulembeze w'akakiiko omulungi afuba okulaba nga ebiteeso byonna ebyalambikiddwa okuteesebwaako bitesebwaako mu kiseera kyabyo. Buli omu ekiteeso kye kiwulirwa era wabaawo okisalibwaawo ku byonna era olukiiko lutandika mu budde era nelufundikirwa mu budde.
- ◆ Ebibiina bya CSOs birina okuyitibwa okwetaba mu ntuula okusinziira mutwe ogw'okutesaako.

Enkiiko zonna ziba n'amateeka kweziddukanyizibwa. Eky'okulabirako, buli alina ekiteeso alina kukiyisa mu mukulembeze w'akakiiko. Kisobola okukwetaagisa okusooka okuwanika omukono omale okulondebwa oleme okutabula oyo aba ayogera, okulemera kiteeso ekyayanjuddwa, okuwa ekitiwa ebiteeso by'abateesa abalala okugeza, obutatunula oba okuibaako kyonna ky'okola ekinyomoola oyo aba ayogera, yita mu bimpi nga oteesa era sigala ku mulamwa.

5.4 Enger gy'osobola okusikirizaamu abateesa okujjumbira;

- ◆ Abantu bwe babeera bangi abaagala okwogera, kola olukalala omanyane ani asooka okutuukira ddala ku asembayo;
- ◆ Omukisa ogusooka guwe abo ababa tebannaba kwogerako. Kikole n'obukakkamu. Okugezasinga omuteesa obwedda ateesa kyokka nga omukono gwe gukyaali waggulu nga oyagala okuwa omuteesa omulala atanyogerako naye abeeko kyateesa, osobola okugamba, Mukwano Odia omukono ngulaba naye kansooke mpe omukisa Alang atanayogerako naye abeeko kyateesa.
- ◆ Buli omu muwe omukisa okuteesa. Abakiise abamu bwebasirika ennyo babuuzze bo kyebalawooza ku nsonga egenda mu maaso osobole okukomyawo ebirowoozo byabwe mu lukiiko. Okugeza osobola okugamba,

waliwo omulala yenna alina ky'ateesa ku nsonga eno? Oba waliwo omulala yenna atanaba kwogera naye nga yandyagadde okubaako kyayogera.

- ◆ Fuba okulaba nga ofaayo ku mikono egiri waggulu olwabo abagezaako okubatabula nga babaddeko ky'eboogera;
- ◆ Wuliriza bulungi buli omu kyayogera;
- ◆ Kakasa nga abakiise bonna okuva mu kibiina ekiri mu bufuzi n'ebyo ebivuganya gavumenti buli omu aweebwa omukisa okuva endowoozo ye. Jjukira nti tokulemba kibiina ky'abyabufuzi wabula abakiirira abatuuze bonna abakiriza mu bibiina eby'enjawulo. Omuwi w'omusolo akusuubira okuteeka ekiteeso kyonna mu nkola ekizimbwa eggwanga ssi nsonga ani akireese, Oba kivudde mu kibiina kya byabufuzi oba ekivuganya gavumenti.
- ◆ Kakasa nga abantu ab'olubatu abalina endowooza ez'enjawulo tebalemesebwa banaabwe kuwa ndowooza zaabwe. Leka buli omu awe endowooza ye awatali kutabulwatabulwa. Kuba olumu ekiteeso bwe tekimanyiddwa kimala batera okuziyizibwa okugenda mu maaso n'ekiteeso nga ekyo.
- ◆ Kikulu okumanya abantu kyeboogera ku ngeri olukiiko gye lwakubiriziddwamu.

5.5 Enger y'okuwumbawumba n'okutuuka kukusalawo

Buvunanyizibwa bwo ggwe okubiriza olukiiko okulaba nga wabaawo okusalawo ku nsonga eziteesebwaako. Abamu batera nnyo okuva ku mulamwa n'okulandagga. Bino by'ebimu ku bisbola okuyamba omukubiriza w'olukiiko okusalawo ku nsongaez'enjawulo:

- ◆ Wuliriza bulungi byonna eby'ogera era onokolemu ensonga enkulu oziwandike wansi;
- ◆ Olukiiko nga lutandika, jjukiza abatreesa eby'okutesaako n'ebyetaaga okubaako ebisalibwaawo;
- ◆ Gezaako okulaba nga ensonga zonna ezzogerwa ozitegeera bulungi era ozirunganye okutuuka kukusalawo;
- ◆ Bwe muba n'okusalawo oba ensonga ezissukka mu emu, ziwumbewumbe ozikomyewo eri abateesa balondeko esinga gyebalina okugoberera;
- ◆ Nga tonnagenda ku nsonga ndala, sooka okkaatirize ekyo kyemumaze okukiriziganyako. Kino kijja kulaga oba nga ddala abakiisei bonna bakkiriziganyizza ku nsonga eyo.

- ◆ Era nga tonadda ate ku nsonga ndala kakasa nga waliwo ekisaliddwawo ku nsonga eyo eri mu ddiro. Kino kitegeeza nti mu lukiiko olunaddakao omuntu avunayizibwa ku nsonga ajja kuba alaga wa watuuse ku kyasalibwaawo.
- ◆ Leka kukitwaala nti abakiise okusirika bakiriziganyizza n'ekiteeso. Sooka nga obabuuze oba ddala kino kyebasazeewo ku nsonga eyo.

5.6 Engeri y'okukwaatamu abantu abazibu mu lukiiko

Waliwo abantu abayinza okwagala okwezza olukiiko era babe nga bokka bebogera; abalala bagezaako okutabulabula buli agezaako okubako n'ekirowoozo kyaleeta songa abalala badda ku mbooji yabwe endala. Nga omukubiriza w'olukiiko kakasa nga byonna ebigenda mu maaso biri ku mulamwa kibasobozese okutuukiriza ebigendererwa by'olukiiko. Bino byebimu ku bisobola okukuyamba.

- ◆ Abakiise bajjukize nga batandika amateeka gona agakiriziganyizidwaako mu kukubiriza olukiiko olwo. Kino kitegeeza nti mulina okusooka okukiriziganya ku mateeka aganadukanyizibwako olukiiko.
- ◆ Lemerako era yogeza obuyinza okukakasa nga buli omu yeyisa bulungi mu lukiiko. Mukozese amateeka agakiriziganyiziddwaako gabalage eky'okukola;
- ◆ Omuntu omu bwaddingana ensonga muutegeeze nti ensonga ye ewuliddwa era kyuukira ate abateesa abalala olukiiko lusobole okugenda mu maaso;
- ◆ Bwe wabaawo omuteesa avumirira ebiteeso bya banne mubuuze ye endowooza ye ku nsonga eyo. Okugeza osobola okugamba, ggwe olowooza ensonga eno yandikwaatiddwa etya?
- ◆ Bwe wabaawo omukiise atakuwuliriza, kyuukira abakiise abalala bakuwe ebirowoozo byabwe olukiiko lusobole okugenda mu maaso. Okugeza, Mukyayagala okumala obudde obulala ku nsonga eno oba tugende ku nsonga endala ey'okutesaako? Kino kijja kulaga omuntu oyo nti abantu abalala betamiddwa baagala kugenda mu maaso na biteeso birala.
- ◆ Tusubira nti olina by'oyize ebijja okukusobozesa okukubiriza olukiiko lwo olunaddirira! Okwegezaamu kijja kukuyamba okutuukiriza byonna... kale gezesa byonna.

EKITUNDU 6:

EKIKULA KY'ABANTU

*Kisimbuddwa mu Minisitule ya Gender Labour and Social Development-
Guidelines ku Gender Budgeting for Local Governments and Forum for
Women in Democracy*

Ekikula ky'abantu: Kino kitegeeza enjawulo eriwo wakati w'abaami n'abakyala nga bwe kyeyoleka mu bantu; kyawukanako ku butonde bw'obulaga omussajja n'omukazi bwe baba batondebwa. Ekikula ky'abantu kirina kinene kyekikola era obulamu bwa abassajja n'abakazi wamu n'bawala n'abalenzi. N'olwekyo kirina okutegeererka obulungi n'engeri abantu gyebakitwaalamu kisobozese ba Kansala okutumbula obwenkanya eri abalenzi n'abawala, abakyala n'abaami eri emikisa egyenjawulo. Bingi mu kikula ky'abantu ba Kansala bye balina okusaako essira okukakasa nga wabaawo obwenkanya mu kuteekateeka, mu mbalirira, mu kulondoola n'okwebejja enkola za gavumenti ez'enjawulo n'ebyo byezireeta ku baami n'abakyala mu bantu gye babeera.

6.1. EMBALIRIRA KU BY'EKIKULA KY'ABANTU

EMBALIRIRA KU BY'EKIKULA KY'ABANTU KYE KI?

Embalirira ku by'ekikula ky'abantu y'enkola ey'okugabanya ebyetaago okusinziira ku byetaago, ebyagalwa n'ebyo ebibula ku baami n'abakyala. Kitwaaliramu okwekeneenya engabanya n'ensaasanya ya gavumenti wamu n'emisolo okusinziira ku kyebikola eri abaami n'abakyala, abalenzi n'abawala. Enkola eno ezingiramu okwekeneenya n'okutegeera embeera ez'enjawulo eri abaami n'abakyala, abalenzi n'abawala okusobola okuzuula omuwaatwa oguliwo n'obutali bwenkanya n'okuteekateeka engeri y'okwekulakulanyamu wamu n'embalirira okumalawo obuzibu obwo.

Bino by'ebibuuzo ebikulu ebisobola okukuyamba;

1. Mbeera ki abaami, abakyala, abalenzi n'abawala gye balimu mu by'enfuna, eby'etaago, byebaagala n'ebyo byebatalina?
2. Ebyetaago by'abaami n'abakyala byonna bikolwaako kyenkanyi? Ani asinga okufunamu?

3. Kiki ekiremesa abaami n'abakyala, abalenzi n'abaala okuganyulwa mu nkola ezo?
4. Kiki ekisobola okukolebwa okumalawo obuzibu obwo?
5. Ddala engabanyizibwa y'ebintu ekoledwa okusobola okumalawo omuwatwa oguliwo mu kikuyla ky'abantu?
6. Ddala enteeka teeka ekikoledwa mu by'okwekulakulanya zikendeeza, zireka omuwaatwa nga bweguli oba zongera ku muwatwa oguliwo mu kikula ky'abantu?
7. Ani asinga okwettikka omugugu gw'omusolo?
8. Ddalaampeereza etuukana n'ebiyetaago by'abakyala, abaami, abawala n'abalenzi wamu n'abo abalina obulemo ku mibiri gyabwe?

6.1.1. OMUGASO GW'EMBALIRIRA Y'EKIKULA KY'ABANTU

- ◆ Eyamba okutumbula obwenkanya, omwenkanonkano, amazima n'obwesimbu mu kuteekateeka embalirira eri enkolagana y'abantu, eby'ensimbi, eby'obuwangwa n'obukulembeze obulungi.
- ◆ Enkola eno ewam amakubo amalambulukufu mw'osobolera okwekenneenya enkola z'agavumenti ez'ebitundu eri omwenkanonkano nga eraga obuzito bw'ensimbi gavumenti bwewaddeyo okutumbula enkola eyo n'ekyo kyekola ku bulamu bwa bakyala.
- ◆ Embalirira eno era eyamba okukakasa nga gavumenti e'z'ebitundu wamu n'ebitongole bya gavumenti ebirala bifaayo ku bantu abanyoomebwa n'abo abatalina mwasirizi nga abakyala, abavubuka, abantu abalina obulemo ku mibiri gyabwe (PWDs) naabo abalina akawuka ka sirimu.

6.1.2. Emitendera mu kutumbula embalirira ku kikula ky'abantu ku ndandikwa ya pulugulaamu

- i. Community Development Officer (CDOs)/sector/n'abakulira departimenti oba ebitongole eby'enjawulo balina okwekenneenya embeera eriwo mu kitongole ekiba kinokodwayo. Kino kiyambako mu kutuukiriza okweesalirawo. Okutegeera embeera eriwo, ebyo ebisinga okwetaagibwa, ebyo ebyetaaga okukolebwaako amangu n'okulungamya ku kiki eky'okukola. Bwiino asobola okugyibwa mu bitongole ebyenjawulo nga National House hold surveys, Uganda Poverty Participatory Assessments (UPPAP), National Census Report, District/Sub-county development plans and Sub-County performance reports, village stake holder consultations n'ebirala bingi.

Teekateeka era ogabane ogabane bwino oyo owa (GDD) n'abakungu bonna abenyigidde munteekateeka eno.

- ii. Wekkaanye enkola ezasooka omany'e amanyi n'obunafu bwazo mu kuyamba abaami n'abakyaala era nga wekaanya engeri gyezizibamu omuwatwa oguliwo eri ekikula ky'abantu. .
- iii. Nnyonyola ensonga enkulu ku buli kitundu ekikulu. Ku muendera guno bino by'ebibuuza ebikulu byolina okwebuuza;

Engeri Sector/Depatimento y'embalirira y'ekikula ky'abantu gy'erina okufaanamu

Sector/ Departmental/ Programme/ Project	Data/bwino	Ebizibu oba eby'etaago ebizuuiddwa	Emiwaatwa mu kikula ky'abantu egizuuiddwa	Engeri y'okubyangangamu	Embalirira	Ensibuko y'embalirira

6.1.3. Engeri y'okugerageranyamu enkola y'embalirira y'ekikula ky'abantu

Engeri y'okugerageranyamu enkola y'embalirira y'ekikula ky'abantu eteekateekeddwa okuyamba ku nteeka teeka y'embalirira z'ekikula ky'abantu ezenkizo. Ngaogenda okutandika ku nteekateeka y'embalirira y'ekikula ky'abantu olinakumanya engeri gy'onogerageranyamu eby'etaago bya abaami n'abakyaala. Bino by'ebimu ku bikulu ebirina okuba mu nteeka teeka eno.

A) Okwekeneenya embeera

- ◆ Okusooka owekeneenya embeera (ebituufu n'emiwendo) eri abaami n'abakyaala, abawala n'abalenzi n'abo abatalina mwaasiririzi. Kirina okuleetawo embeera eraga ebyetaago, ebizibu, obunafu, ebikoleddwa, ebiremesa enkola eno, n'engeri y'okubimalalwo.

b) Okuzuula obuzibu n'ebiyetaago

- ◆ Nyonyola ebyetaago by'abaami n'abakyaala bye basanga
- ◆ Enkola ey'enjawulo eteereddwawo okumalawo obutakkaanya
- ◆ Emiwaatwa egyenjawulo mu by'okuganyulwa ebizuuiddwa mu buli kitundu oba sector

- ◆ Engeri y'okwangamu emiwaatwa gino
- ◆ Ebisuubirwa okuvaamu mu nteekateeka y'abaami n'abakyala, abawala n'abalenzi eri buli kitundu oba sector.

c) *Okulondamu wa aw'okutandikira*

- ◆ Ensonga enkulu nga bwezinyonyoddwa kinnakimu mu mu PPAs
- ◆ Okwekenneenya ekikula ky'abantu ku emu ku nkola z'olonzeewo
- ◆ Eby'okuddamu eri ekikula ky'abantu eri engeri gy'olonze okuby'angangamu
- ◆ Ebyetaagibwa okutuukirizaeeka erondeddawo ku by'ekikula ky'abantu
- ◆ Okunyonyola ebisuubirwa okuva mu nkola eno ku by'ekikula ky'abantu.

d) *Engabanya y'embalirira*

- ◆ Omuwendo gw'embalirira ya sector oba ekitundu ky'ekikula ky'abantu n'eb'okuddamu.
- ◆ Ebyetaagibwa kunteekateeka ezirambikiddwa ku kikula ky'abantu
- ◆ Embalirira okusimba essira kukutumbula omwenkano nkano
- ◆ Okulaga embalirira eno byenereetawo eri abaami n'abakyala.
- ◆ Emiwendo gy'emisaala egigabanwa abaami n'abakyaala.
- ◆ Okukiikirira n'okwenyigira mu bibinja eby'enjawulo ebyabo abakwaatibwaako mu kuteekateeka embalirira eno.
- ◆ Omutemwa gw'ensimbi oguwereddwayo okukola ku nsonga z'ekikula ky'abantu

e) *Enteekateeka y'ekitongole*

- ◆ Akakiiko k'eggombolola ak'eb'embalirira (Sub County Gender Budget Taskforce(GBT) akaliwo era akenyigira mu nteeka teeka y'embalirira,
- ◆ Okukola Gender-Disaggregated Beneficiary Assessment(GDBA) ng'ekitundu okulaga enkola y'omwaka ogwaggwa.
- ◆ Okumanya ku sitatimenti y'eb'embalirira ku by'ekikula ky'abantu– bweyimiridde nga ekintu alipoota y'omwaka.

6.2. OKUSSA KU MWANJO EBY'EKIKULA KY'ABANTU

Okussa ku mwanjo eby'ekikula ky'abantu kyatandikibwawo nga enkola mu nsi yonna ey'okutumbula omwenkanonkano mu BeijingPlatformforAction okuva mu mu lutuula olwouka olw'ensi yonna olw'ekibiina ky'amawanga amagatte ki UnitedNationsWorldConferenceonWomeninBeijingin mu mwaka gwa 1995. Era mu kwongerako, ECOSOC eno yakkiriziganya mpunzika ya(1997/2)

ne2006/36yateekaawo enkola eziyamba okussa eby'ekikula ky'abantu ku mwanjo. Okussa eby'ekikula ky'abantu ku mwanjomyalondebwa okuba enkola ey'okulaga enkola y'amateeka eri ensonga z'abaami n'abakyala.

Okussa eby'ekikula ky'abakyala ku mwanjo:“ECOSOCconclusions eza 1997/2 yanyonyola okussa eby'ekikula ky'abantu ku mwanjo (gendermainstreaming) nga...”enkola eno y'ekeneenya ebyo ebituuka ku bakyala n'abaami mu nteekateeka yonna, nga mwotwalidde n'ebya mateeka, enkola oba pulogulamu ku mitendera gyonna emirala. Enkola eno egenderera ekulambika ensonga z'abaami n'abakyala okuviira ddala ku ntandikwa, saako okulondoola n'okwekeneenya pulogulaamu mu by'obufuzi, ey'enfuna n'okukakasa nga bonna baganyulwa kyenkanyi okumalirawo ddala obutali bwenkanya”. Ekigendererwa ekikulu kwe kutuuka ku mwenkanonkano. Okugeza okutondawo Munisipaali, enkola egoberera obulungi eby'ekikula ky'abantu ewa omukisa kyenkanyi era n'ekakasa nga abaami n'abakyala bonna balina obuyinza era basobola okwegazaanyiza mu mpeerera ya Munipaali kyenkanyi. Enkola eyo efuba okulaba nga bonna abaami n'abakyala baganyulwa mu mpereza n'ebyobugagga by'eggwanga kyenkanyi.

6.2.1. Ekikula ky'abantu kisobola kitya okussibwa ku mwanjo mu nteekateeka n'embalirira y'akakiiko kekyaaloo?

- ◆ Buuza ebibuuzo ku buvunanyizibwa, ebikolebwa, by'eabaagala n'ebisinga obukulu eri abakyala n'abaami n'enjawulo eriwo mu bye bayiseemu.
- ◆ Webuuzze kyetuyita “amaka” oba “abantu” ozuule engeri gyekitegerekeka eri abalala era olabe enkola nga mutandikawo enkola. Okunonyereza kulaga, eky'okulabirako NTI “abantu” balina endowooza e'zenjawulo ku by'enfuna eri ekikula ky'abantu olw'okuba olw'ebyo byebasuubira okufunamu, obuvunanyizibwa n'ebiri nga ebyo. Okunoonyereza era kwongera nekulaga nga engabanya y'ebintu ssi yabwenkanya eri ab'omumaka, wadde okusalawo ku nkozesa y'ebintu mu maka.
- ◆ Funa bwiino okukusobozesa okutegeera obulungi embeera eya ddala eriwo eri abaami n'abakyala. Bwiino ku butonde bw'abantu alina okweyambisibwa ekiseera kyonna akukusobozesa okumanya enjawulo mu kikula ky'abantu n'ebirina okukolebwa okumalawo obutali bwenkanya obuliwo. Eky'okulabirako, waliwo ensonga y'okukulakulanya eby'obulimi nga enkola eno egenderera okugaziya enteekateeka eno eri abalimi n'ebirime byabwe. Mu kwekebejja bwino okusinziira ku butondebw'abantu nga webuuzza ani akungula ki, tekijja kukuyamba kumanya muwendo gw'abaami n'abakyala balimi, naye n'okumanya oba nga ddala waliwo

enjawulo n'obubutali bwenkanya eri abaami n'abakyala bw'ogerageranya ebirime byebalima n'mirimu gye bakola.

- ◆ Webuuze ku baami n'abakyala bakuwe ebirowoozo byabwe engeri gyebalowooza kino gyekikosaamu obulamu bwabwe. Waliwo enjawulo wakati w'ebyo abaami n'abakyala bye basinga okwetaaga. Eky'okulabirako, singa wagwawo obutabanguko, basinga kwetaaga mazzi amayonjo n'awokusula songa abaami baba betaaga kuzaawo byanfuna. Tekitegeeza nti ebyenfuna by'omu biba n'enkizo ku by'omulala naye, wateekwa okubaawo okumanaya (okusobola okufunibwa okuva mu kunoonnyereza okwenjawulo) eri abaami n'abakyala ensonga zonna sisobole okutegeerekeka mu mbeera eriwo. Okuva okusalawo kwa bakyala bwe kuli wansi bw'okugerageranya n'okw'abaami, walina okubaawo enkola enayamba abakyala nabo okusobola okuwulirwa.
- ◆ Kakasa nga eby'okukola ebisinga okwenyigiramu abakyala (nga mwotadde n'emirimu gy'awaka) biweebwa ekifo mu nteekateeka bireme okulejebwa emabega mu kuteekateeka embalirira y'eby'ensimbi. Wadde nga kati waliwo ko enjawulo ku engeri emirimu gy'awaka gyegirabibwamu, wakyaliwo okunyooma emirimu nga egyo eri abamu. Bwekityo bwekiri ne kumirimu abakyala gyebakola mu by'obulimi bw'ogigerageranya n'egya abaami mu nkola n'okutumbula empeereza.
- ◆ Wewale okukitwaala nti ebyetaago by'abaami n'abakyala byebimu. Waliwo enjawulo wakati w'abaami n'abakyala okusinziira kibiina mwe bali, enzikiriza zaabwe, emyaka, amawanga n'ebirala. Abaami n'abakyala baggwa mu biti ebyawukanira ddala. Kikulu obutamala gakitwaala otyo, wabula lowooza ku njawulo eriwo okusinziira ku nsonga ezenjawulo nga n'ekikula ky'abantu mwokitwaalidde.
- ◆ Wekkaanye obuzibu obuliwo era oleete olowooze ku nkola ezenjawulo eri ekikula ky'abantu era n'engeri gyebasobola okuganyulwa kyenkanyi emikisa egiriwo. Okusinziira ku butenkanya obuliwo mu mbeera yaffe eyabulijjo, oba mukyalimu bw'olowooza nti abaami n'abakyala baja kuganyulwa kyenkanyi mu nteekateeka y'okwekulakulanya. Wateekwa okubaawo enkola ey'enjawulo kubanga kino kisobola ate okwongera obw'ongezi obutali bwenkanya.

Okusobola okussa ekikula ky'abantu ku mwanjo ba kansala babakyala bateekwa okutunula mu nsonga eyo n'okugikulembezangamu mu byonna bye basaba.

6.3. OBWENKANYA OKUSINZIIRA KU KIKULA KY'ABANTU

Tewali bantu basobola kukulakulana nga emikisa, eby'obugagga n'ebirala ebikulu eri obulamu b'abakyala n'abaami tebigabanyiziddwa kyenkanyi okubasobozesa okukolerera amaka gaabwe n'ebitundu byabwe.

6.3.1. Obwenkanya eri ekikula ky'abantu busobola butya okutumbulwa mu bukiiko bw'ebitundu?

- ◆ Wateekwa okubaawo obukakafu kubutali bwenkanya;
- ◆ Bwiino mugabanyeeemu eri ebitongole eby'enjawulo kyenkanyi. Eky'okulabirako, Bwoba nga wekebejja bwiino muby'enjigiriza, yawula omuwendo gw'abalenzi n'abawala abasoma mu massomero ku mitendera egyenjawulo n'ensoma yaabwe era okole enteekateeka okubigonjoola okusinziira ku buttoned bw'omuntu;
- ◆ Wekkaanye embalirira y'ebyensimbi eya disitulikiti olabe omutemwa oguteekeddawo eri abaami n'abakyala. Eky'okulabirako, singa kisaliddwaawo okuzimba kabuyonjo mu ggombolola emu, biki ebyongeddawo okusikiriza abaana abobuwala okujjumbira okusoma? Kabuyonjo zino kuliko eza abawala n'abalenzi? Wateekeddawo incenerators; ate obulobo obulina okuteekebwa mu kabuyonjo n'abaana abobuwala, amazzi ne eby'obuyonjo ebirala ebibakwaatako?
- ◆ Obukiiko bw'ekyalo bulina okuba n'amawulire amatuufu ku muwendo gw'abaami n'abakyala, abalenzi n'abawala abaganyulwa mu mpeereza n'enteekateeka za gavumenti ez'enjawulo okusobola okugerageranya okuganyulwa okutuukiddwako eri bonna nga osonziira ku kikula kyabwe.

6.4. EMBALIRIRA KU KIKULA KY'ABANTU

OKUTUMBULA EBY'EMBALIRIRA KU KIKULA KY'ABANTU MU GAVUMENTI EZ'EBITUNDU

Kisimbuddwa mu kitabo kya ACFODE' ku nfuga ennungi n'embalirira ku kikula ky'abantu. (Good Governance and Gender Accountability (2012))

1. **Bwiino ku miwendo gy'ekikula ky'abantu n'engeri gyegigabanyiziddwamu:** kino kikulu nnyo kubna kiraga abo abenkizo mu nteekateeka y'embaririra—ng'abannansi, abaweereza era ababazi b'amateeka abalina obusibozi okulondoola empeereza gyegabanyizibwamu eri ekikula ky'abantu. Okusobola okugabanya obulungi ebikozesebwa ebitamala, gavumenti ez'ebitundu zetaaga okutegeera ani eyetaaga, kiki kyeyetaaga era akyetaaga ddi?

2. **Okumanya eddembe lyo.** Okusobozesa abakyala okutegeera eddembe lyabwe n'obusobozi bwe balina okwekulakulanya bwebategeera enkola y'ebitongole eby'enjawulo n'enegeri gyebasobola okuletawo enkyuukakyuuka eyetaagibwa okutumbula embalirira ku kikula ky'abantu.
3. **Okwongera ku muwendo gw'abakyala abawereza mu w'ofiisi z'ebitongole bya gavumenti emu ku nkola eraga okufaayo eri ekikula ky'abantu.** Okussa abakyala ku mwanjo okukulemberamu w'ofiisi mu bitongole bya gavumenti ebyenjawulo kiyamba kinene nnyo okunyweeza obufuzi mu gavumenti ez'ebitundu. Wadde nga okubeera kwa bakyala mu bifo ebyo tekitegeeza nti olwo ensonga z'abakyala ziba zikoleddwaako, okubeera kwabwe mu bifo ebyo kulina kinene kyekulabga; era bawereza nga eky'okulabirako eri abalala kino ne kisobola okulunganya n'okusikiriza bannaabwe okwenyigira mu mpeereza mu gavumenti ez'ebitundu. Webetaagisiza okuvuganya kikulu okuba zaamu amanyi okuyita mu kikulwa eky'a wamu. Eky'okulabirako, mukutondawo obukiiko bw'emiruka, kakasa nga enkola eriwo ekiraga nti waliwo wakiri ebifo bisatu ebirina okuba eby'abakyala.
4. **Okusisinkana.** Abakyala mu bitongole ebyenjawulo n'abo abali muby'obufuzi saako abatandikirwako abawansi kirungi nnyo okwongera okusisinkana okwongera aokuttaanaya ensonga zaabwe.
5. **Okuteekateeka embalirira ku kikula ky'abantu.** Okwekenneenya embalirira ku by'ekikula ky'abantu kyongera okuleetawo obwenkanya n'amazima mu mbalirira za gavumenti. Kiraga lwatu ebyo ebiwereddwa buli kitongole era n'oyo ow'okuganyulwa. Enteeekateeka y'okukola embalirira erimu emitendera esatu emikulu nga mu gino mulimu;
 - a. Okutegeera embeera n'ebyetaago by'abaami n'abakyala, abalenzi n'abawala – okusinzira ku kula kyabwe;
 - b. Okwekeneenya ebigendererwa by'embalirira okukakasa nga ddala etuukana n'ebyo ddala ebyetaagibwa abakyala n'abaami, abalenzi n'abawala n'abantu abala abatalina mwasiririzi;
 - c. Kirina okutegeerekeka obulungi nti omukiise yenna ku lukiiko lwa disitulikiti oba ekibuga asobola okuleeta ekiteeso ekyo songa Kansala yayanjulira akakiiko ke etteeka wansi wa liri (bye-law)


EKITUNDU 7:

OKUKOLA AMATEEKA AGA GAVUMENTI EZ'EBITUNDU

Etteeka lya gavumenti ez'ebitundu okusenziira ku Local Government Act ly'etteeka eriyibwa disitulikiti n'akakiiko k'ekibuga. Etteeka lino lisobola okubeera erya disitulikiti yonna oba ery'ebimu ku bitundu mu disitulikiti ebiba birikoze. Amateeka ga disitulikiti gano oba ag'ebibuga tegalina ku kontana ssemateeka w'eggwanga akolebwa ababaka ba paliyamenti. Amateeka gano galina oku:-

- Gakola ku nsonga yu'abantu bonna so ssi muntu omu
- Nga tegakontana n'amateeka amalala agayibwa akakiiko ako
- Nga ate tegali ku nsonga ezalambikibwa edda ku gamu ku mateeka mu ssemateeka w'eggwanga okuggyako nga okujuliza obujuliza.

Era disitulikiti ewebwa amagezi okukakasa nga ekunga abantu bonna okwenyigira kubaga etteeka eryo. Ekyo kyekigendererwa mu nfuga ey'omugendo okuzza obuyinza mu bantu. Wammanga gy'emitendera egi Gobererwa mu kubaga etteeka lya gavumenti ez'ebitundu;



Emitendera mu bujuvu egigobererwa mu kubaga amateeka ga gavumenti daala lya disitulikiti

OMUTENDERA 1	◆ Akakiiko katuulako abantu 7 nga mubano mubaamu; CAOnga ono yakulira akakiiko kano, Chairman, Clerk nga ono yemuwandiisi w'akaiiko, ow'ebyamateeka, omukwaanaganya w'empeereza eri abantu n'abakiise abalala 3 , nga mu bano musobola okubaamu omulamuzi, State Attorneyoba omukulembeze
OMUTENDERA 2	◆ Akakiiko era kekenneenya engeri obuzibu obuliwo n'engeri abo abakwatibwako gyebabukutte mu. ◆ iAkakiiko k'amateeka nga kayambibwaako abakugu ku nsonga eno, kazuula obuzibu bwenyini obusobola okumalibwaawo etteeka, nga bebuuza ku bantu abakosebwa obuzibu buno.
OMUTENDERA 3	◆ Akakiiko olwo kekenneenya amateeka gonna agaliwo okukakasa nga ddala tewali tteeka lisobola kumalawo buzibu obwo okwewala okubaga amateeka agafaanagana oba agakontana. ◆ Okwekenneenya amateeka gonna agaliwo kibayamba okumanya eky'okukola singa ddala tewaba tteeka
OMUTENDERA 4	◆ Akakiiko olwo kebua ku bonna akwaatibwaako ensonga eyo, ebitongole n'abo buyinza oba nga ddala etteeka linateekebwa mu nkola. ◆ Akakiiko kano olwo kawandiikira alipoota akakiiko akakulu (council) eraga bye bazudde, engeri gyebabituseeko, abetabye mu kunoonyereza kuno n'ebyo etteeka gyerinayaambamu. Akakiiko akakulu (council) kaweeza alipoota eno eri ekitongole
OMUTENDERA 5	◆ Ekitongole ekikwaatibwaako olwo kyebuuza ku CAO era nekiraga mu bufunze etteeka engeri gyerinayaambamu, era oluvanyuma lizzibwaayo mu eri akakiiko, akakolaganira awamu ne ekitongole ekikwaatibwako
	◆ Omuwandiisi (Clerk to Council)ayanjulira akakiiko etteeka lyebaagala okuyisa/bill

Akatabo ka ba kansala babakyaala

OMUTENDERA 6	◆ Akakiiko kwematira ne ebbago lino, ekiteeso kireetebwa okusemba ebbago lino oluvanyuma lw'okukubanyizibwako ebirowoozo akakiiko. ◆ iAbasinga bwe bawagira ebbago lino, olwo akakiiko kalangirira okutongozebwa kwalyo mu nnaku 14.
OMUTENDERA 7	◆ Guno mutendera mukulu nny, kubva guwa abantu omukisa okwenyigira n'okuwa endowooza zaabwe mu kubaga etteeka lino ◆ Ebbago lino liwandiikibwa mu mpapula z'amawulire, ne litimbibwa mu bifo eby'enjawulo nga amasinzizo, obutale, awatuukirwa abanyu bonna ne wabweer ku luggi awatuula akakiiko.
OMUTENDERA 8	◆ Ennaku 14 bwezimala okuyitawo, okuteesa n'okuweereza ba kansala ebbago lino, olwo litandika okukubaganyizibwaako ebirowoozo.
OMUTENDERA 9	◆ Ebbago lino bwe liyisibwa er nerikkirizibwa akakiiko, liwerezebwa ewa AttorneyGeneral okuyita mu Minisita wa gavumenti ez'ebitundu okukakasibwa. Singa Minisita awabulwa AttorneyGeneral nti etteeka eryo likontana n'agamu ku mateeka agaliwo, mu nnaku 90 likomesebwawo nerikolebwawo enongoosereza.
OMUTENDERA 10	◆ Etteeka lino bwerimala okukakasibwa, kopi ttaano ziteekebwawo omukono omukubiriza w'akakiiko, okulifuula etteeka era olwo liweerezebwa wonna. ◆ Kopi emu ewebwa omukubiriza w'akakiiko, kopi endala eri omwogezi, endala ewa Minisita wa gavumenti ez'ebitundu, Kopi bbiri ewa AttorneyGeneral, era

Etteeka lya gavumenti ez'ebitundu bwelimala okuyisibw akakiiko, olwo poliisi, kkooti n'abakwaasisa amateeka ku gavumenti ez'ebitundu batandika okugakwasisa mu bantu.

Poliisi kitongole kya gavumenti eya wakati ekiteekebwawo ssemateeka mu Poliisi Act era kyekivunayizibwa okukwasisa amateeka n'okukuuma eddembe. Mukukwasisa amateeka n'okukuuma emirembe poliisi eweebwa olukusa okusiba omuntu oyo yenna anatera okuzza oba azizza omusango bwebalaba nga kisaanira. Bakola okunoonyereza kwabwe era ebivaamu nebiweerezebwa ewa DPP.

Mu Uganda ensengeka ya kkooti zaayo mulimu Supreme Court, Court of Appeal, High Court ne kkooti endala omuli court ya Magistrate ne kkooti z'obukiiko bw'ebyalo.

Kkooti z'obukiiko bw'ebyaalo zeyambisibwa okukwaasisa amateeka ga gavumenti e'zebitundu mu bitundu byabwe. Kkooti eno ekola kumisango ekisinga nga amabanja. Zi konturakita, okukubwa, okusaalimbira awatali wawo nebirala kasita kiba nti tegusukka 2,000,000/=.

Ensengeka n'empulira y'omusango singa omuntu amenya amateeka ga agavumenti ez'ebitundu n'amateeka amalala agekikula ekyo:

- a. Amenye etteeka lya gavumenti ez'ebitundu awawaabirwa mu kkooti z'ebyaalo era bwalema okumatira n'ekyo ekisaliddwawo nga ajjulira mu kkooti y'omuluka. ;
- b. Okujjulira okuva mu kkooti y'omuluka olwo biba bijulidde eya divisoni y'ekibuga wamu ne kkooti y'egombolora;
- c. Okujjulira okuva mu kkooti ya divisoni oba ey'egombolora olwo biba bijulidde mu kkoti ya ChiefMagistrate
- d. Okujjulira ku kusalawo kwakkooti ya ChiefMagistrate olwo biba bijulidde kkooti enkulu / High Court, kasita ofuna olukusa lwa kkooti ya ChiefMagistrate oba kkooti enkulu.

7.1. Okuleeta ekiteeso, okuwabula n'okumanyisa

7.1.1. Okuleeta ekiteeso

Ekiteeso kye ki?

Ekiteeso by'ebyo ebiwandiikiddwa mu bufunze mu ekyo ky'oyagala. Ensonga olwo eyanjulirwa akakiiko okugoberera enkola egobererwa okuyisa ekiteeso..

Enkola egoberwa mukuleeta n'okuyisa ekiteeso mu kakiiko

1. Okukkirizibwa okwogera;

Omu kubateesa bwaba alina ekirowoozo ky'ayagala okuyisa, Atandika ati "I move....." Wabaawo akasiriikiro nga akatikitiki; wabula akakiiko kasobola okugaana okusinziira ku mateeka kwekatambulira. Okusirikirira akatikitiki ako kigendererwamu okulaba nga obuwagizi bateesa bwe balina ku nsonga eyo. Akisemba n'ebwaba omu, kiba kisobola okugenda mu maaso okwanjulwa. Kitegeere nti akatikitiki ako kaba kakulu nnyo naddala eri obukiiko obukiikako abantu abangi. Ekisookersa ddala eri abantu abangi buli omu abaako bakiikirira ekisobola okukyuusiza ddala ekiteeso. Ekirala, eri akakiiko abantu omuwendo gwonna, akatikitiki ako

kasobola okweyambisibwa okugaana ekiteeso ekigasa omuntu omu nga ye. Bwekitaba kityo ekiteeso kisobola okuyisibwa ate nga eri abasing tekirina mugaso. Kale wadde nga abamu bakibuuka, akatikitiki ako kaba kakulu nnyo naddala singa akateeso kabaako abakiise abangi.

2. Okuteesa n'okukubaganya ebirowoozo,

Ekiteeso bwekimala okuleetebwa (n'akatikitiki olukiiko bwe lusawo) akubiriza ekiteeso addamu nakanjulira abakiise okukubaganyaako ebirowoozo. Akireese asooka nayanja ensonga, omukubiriza nalyokka akkiriza abalala okukiwagira oba okukiwakanya. Omukiise aba tannayogera aba n'enkizo okwogera okusinga ku abo aba wadde edda endowooza zaabwe. Omukubiriza w'olukiiko alina obuyinza okuggalawo okukubaganya ebirowoozo ku nsonga eyo naddala singa alaba nga bavudde ku mulamwa.

3. Okukendeeza ku biteeso

Aprocedural motion Kyekyo ekirunganya engeri olukiiko gyerulina okuddukanyizibwamu, songa ate substantivemotion kyekiteeso ekyesigamizibwa ku mutwe oguteesebwako. isamotiononaparticulartopicorissue. Ago agakasibwa nga act gatera kugwa mu substantive motion.

4. Ebyetaagibwa okusalawo.

Ekitundu ku bateesa kimala era kitwalibwa nti giwagiddwa abateesa abasinga. N'olwekyo akakiiko ka Local Government Act kalina okusooka okwebuzibwaako eri ebyetaagibwa okusalawo.

5. Okuyisa ekiteeso

Singa ekitundu ekisinga ku bateesa kibaawo, akubiriza akakiiko asobola okubuuza okubuuza n'amumanya omuwendo gwabo abawagira n'abatawagira. Ekiteeso kiyisibwa singa abasinga ku abo abaliwo bakiwagira. Naye nga akakiiko ka Local Government Act kalina okusooka okwebuzibwaako. Akakiiko kasobola okusooka okwetaaga bibiri byakusatu (2/3) oba okulonda okulala okwenkizo okusobola okufuna endowooza z'abalanzi abalala. Singa ekiteeso kigobebwa, okulonda okwekyama kusobola okukolebwa eri okusalawo ku nsonga ezimu. Wano kyetaaga okujjuliza ku mateeka agagobererwa okulonda. Wadde nga tekyandyetaagiddwa, akakiiko takaba na kyakukola oku kkiriza aboosa. Amateeka okuddukanyizibwa akakiiko galina okulaga engeri y'okukwaatamu abo aboosa.

6. Okukola enkyuukakyuuka mu mateeka okuddukanyizibwa akakiiko.

Akakiiko kalia enkuteekawo enkola egobererwa okukola enongoosereza mu mateeka kwekatambulira.

Mu kitabo kino mu AnnexBegattiddwako nga eky'okulabirako.

7.1.2. Okuwaayo ensonga y'okuwabula n'okumanyisa.

Kisimbuddwa mu ebyo ebyawandikibwa Ann.G.Macfarlane(2008) ekirko omutwe okuganba nti "Whomay raise aPointofOrder";"Ani ayinza okuwaayo okuwabula?

7.1.2.1. Okuwabula

Okuwabula kukolebwa eri omuteesa singa awaba okuva ku ssemateeka oba amateeka okuddukanyizibwa akakiiko..

Okunyonyola nemigaso gy'okuwabula

Okuwabula kukolebwa singa omuteesa alema okugoberera amateeka okuddukanyibwa olukiiko. N'olwekyo nga Kansala w'abakyala olina okumya amateeka ago gonna okusobola okulungamy abalala. Kino kikolebwa wakati nga omuteesa awa oba ayanja ensonga ye.Olutereza ensonga nga okuteesa kugenda mu maaso.

Engeri gyekikolebwamu, Kansala ateggeeza nga egobererwa bwetagobereddwa. Asaba omukubiriza w'olukiiko nasala ekirimi omuteesa nga okumuwabula. Olumuwa omukisa asobola okluigamba, "Njagala okuwabula omuteesa ateesa" Akubiriza olukiiko omuddamu nti genda mu maaso...olwo naawa ensonga ye.

Okuwabula kufundikirwa n'okusalawo okuva eri omukubiriza w'olukiiko. Asobola okukaatiriza eky'ogeddwa oba oba okulekera abateesa okusalawo. Omukubiriza w'olukiiko bwakiriza awabula okugenda mu maaso, kigambibwa nti oli mutuufu ky'oygedde.Bwakigaana, kigambibwa nti ensonga yo ebulamu tetwaaliddwa.

Eky'okulabirako, singa ekiteeso kireetebwa nekiwagirwa era omukubiriza nasalwo kikubibweeko akalulu, Kansala asobola okumusala ekirimi n'okuwabula.Ensonga gyawa eri nti ensonga erina okumala okuteesebwaako nga teankubibwaako kalulu.Kikulu nnyo Kansala okuwa endowooza ye akakiiko okusobola okusalawo obulungi.Mu mbeera nga eno, omukubiriza w'olukiiko addamu nti, 'ensonga yo ntuufu, era nakomyawo ekiteeso okukikubaganyaako ebiroozo.

Okuwabula kulina okukolebwa mu kiseera. Kulina okukolebwa mu budde nga omuteesa tanagenda wala bwekitaba bwekityo kiba tekikyetaagisa(okujjako nga nsonga ddala).

Era nga bulijjo buvunyizibwa bwa mukubiriza w'olukiiko okukakasa nga olukiiko luddukanyizibwa okusenziira ku mateeka agakiriziganyiziddwaako.Kikulu

omukubiriza w'olukiiko okukakasa nga abateesa bonna bawulikika bulungi n'okukubiriza abateesa okweyambiza enkola 'ey'okuwabula" okukakasa nga enkola egobererwa bulungi.

7.1.2.2. Okumanyisa

Era nga bwe guli ku "kuwabula" , "okumanyisa" y'emu kunsonga endala enkulu omukubiriza w'olukiiko zalina obutabuusa maso. Kansala asobola okuwanika onukono n'asaba okumanyisa omuteesa ateesa mu kissera ekyo. Kino kiwa omukisa Kansala okwogera wadde nga ekiseera Kibadde tekinnaba (Kasita awanika omukono ggwe waggulu nakkirizibwa)aweebwa omukisa okutangaaza ku snonga eyogerwako oba okubaako kyagibuzaako.

7.1.2.3. Okuva ku mulamwa

Omuntu bwalemwa okugoberera amateeka okuddukanyizibwa olukiiko, nga ayogeza bukambwe, atabulatabula abateesa oba okweyisa obubi mu ngeri endala yonna, omukubiriza w'olukiiko asobola okulangirira nga omuteesa avudde ku mulamwa.

7.1.2.4. Obukuumi

Omuteesa atabulatabulwa abala nga awa ekirowoozo kys asobola okusaba obukuumi okuva eri omukubiriza w'akakiiko.

EKITUNDU 8:

OKULONDOOLA N’OKWEKENNEENYA

Kisimbuddwa mu kitabo kya UNDPekya “Monitoring and Evaluation & District Participatory Planning and Budgeting Process (Puntland & State of Somalia, 2011)

Okulondoola kinyonnyolwa nga enkola abakwatibwaako mwebayita okumanya ebigenda mu maaso na wa webatuuse okutuuka bigendererwa byabwe.

Okwekenneenyay’enkola ey’okwetegereza byonna ebikolebwa okulaba oba nga ddala byonna ebikolebwa biri ku mulamwa ogw’okutuukiriza ekiruubirirwa n’ebigendererwa era nga kino kiyambako mu kusalawo..

Okulondoola n’okwekenneenyakuyamba ebitongole okufuna amawulire ag’omugaso okuyita mu ebyo byebayiseemu n’ebyo byebasobola okweyambisa mu nteeka teeka yabwe okugenda mu maaso. Awatali kuteekateeka, okulondoola n’okwekenneenya, kyandibadde kizibu nnyo okuitegeera oba nga ddala omulimu gugenda mu maaso oba nedda. Oba nga ddala waliwo obuwanguzi n’ebyo ebirina okutereezebwa mu maaso eyo..

8.1. Byolina okumanya mu kuteekateeka, okulondoola n’okwekenneenya

8.1.1. Okwenyigirwamu buli akwaatibwaako

Okuyita mu mitendera gyonna egy’okuteekateeka, okulondoola, okwekenneenya, okuyiga n’okweetereez, kikulu nnyo okulaba nga buli yenna akwaatibwako yenyigira mu nteekateeka eno. Bakubirize okulaga byonna byebasuubira okufuna oba okutuukakako era mukole enteekateeka engeri gyemunabituukakako nga muno mw’otadde n’okulondoola saako okwekenneenya enegri emirimu gyegiddukanyizibwamu okusobola okutumbula empeereza.

8.1.2. Tunuulira ebivuddemu oba ebituukidwaako

Okuteekateeka, okulondoola n’okwekenneenya birina okukolebwa nga byesigamiziddwa ku ebyo ebituukiddwaako – okukakasa nga buli ekikoledwa kiri ku mulamwa nga nteekateeka bweri. Ekisinga obukulu y’enyuukakuyuuka mu by’enkulakulana ku ebyo ebikolebwa mu disitulikiti ebiruubirira okutumbula obulamu bw’abantu.

Byonna ebikolebwa n'ebiva mu kakiiko k'ekyaalo birina okuba nga biri ku mulamwa gw'enteeka za disitulikiti n'eggwanga lyonna okutwalira awamu era nga byakuyamba disitulikiti n'eggwanga okutuukiriza ebigendererwa bya disitulikiti n'eggwanga lyonna okutwalira awamu.

8.1.3. Tunnulira eby'okwekulakulanya eby'omugaso

Okuteekateeka, okulondoola n'okwekenneenya birina okussa essira kukweyimirizaawo. Era nga kati bwe waliwo enkola ey'okuteekateeka, okulondoola n'okwekenneenya enkola ku by'ekikula ky'abantu. Ebitongole bingi biremeddwa okutuuka ku biruubirirwa n'ebigendererwa byabyo olw'okulemererwa okuwa abaami n'abakyaala okutuukiriza obuvunanyizibwa bwabwe. Obutali bwenkanya n'okusosola n'okukozesa obubi obuyinza by'ebimu ku bizibu ebikulu ebilemeseza enkulakulana.

Era bwe guli ne ku bbwa nnanyini mu bantu n'enteekateeka z'okwekulakulanya. Wabaawo okumatira n'okwenyumiriza saako okukola kyonna ekisoboka okulaba nga bakuuma butiribiri ekyo kyebalinako obwa nnanyini.

8.1.4. Eby'ensimbi

Ebineetaaga ensimbi biteekwa okugerageranyizibwa ku ntandikwa y'okuteekateeka okulondoola n'okwekenneenya. Wadde nga kizibu okubiteekateekera byombi wamu, ebyetaagibwa buli kimu birina okwawulwa..

Mu kulondoola n'okwekenneenya ensaasanya ku bintu eby'enjawulo esobola okumayibwa butereevu oluvanyuma lwokukiriziganya eri abo abakwaatibwaako okuyita nteekateeka y'ekitongole ey'omwaka gwonna.

Annual Work Plan (AWP) nga eteekedwaako omukono bonna abakwaatibwaako.

8.1.5. Abakozi

Bano bakulu nnyo mu kulondoola n'okwekenneenya (M&E), wadde nga omaze okufuna enzimbi ez'etaagibwa. Okusobola okulondoola n'okwekenneenya obulungi wateekwa okubaawo bino:

Abakozi okuwaayo obudde—okusobola okulondoola n'okwekenneenya obulungi, abakozi abalina obukugu obwenjawulo mu M&E bateekwa okwewaayo olw'omulimu ogwo..

Abakozi bano abalina obukugu obwenjawulo ku disitulikiti n'abakulemebeze be by'obufuzi abalala balina okulaba nga abantu benyigira mu M&E. Participatory M&E mu nkola eno abantu tebakoma mu kwenyigira mu kulondoola n'okwekenneenya (M&E) naye nemu nteekateeka z'okuteekateeka okulondoola

n'okwekenneenya (PM & E system). Kino bwelikolebwa, emikisa mingi nti ebinazuulibw abija kuba ebyo ddala abantu bye betaaga.

Okwongerao, abatuuze okuteekebwa ku kibinja ekirondoola kiretawo enkolagana ennungi wakati wa gavumenti ez'ebitundu n'abatuuze.

Table 1: Ekyokulabirako DDF monitoring framework–Unity District (Objectives 1-3)

Kino kiraga buli kigendererwa wekitandikira		Wano Kiraga Engerigye Kitambu ddemu.	Wano Kiraga wa gyetweta-aga okubeera kun-komerero ya buli mwaka	Wano kira amakubo ageyambisiddwa okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa n'ebigendererwa	
Ekigendererwa kya DDF	Baseline	Ebiraga	Ebigendererwa buli mwaka	Engeriy'okubituu-kako	Abalina okukungaanya bwiino n'oku-laga
Ekigendererwa I: Obujanjabi bweyongedde okusemberera abantu mu disituliki era ebitundu 80% balina eddwaliro lyebasobola okutuukako mu lunaku lumu lwokka.	Abantu ebitundu 50% bebalina eddwaliro lyebasobola okutuukako mu lunaku lumu lwokka	Omu-wendo gw'amalwaliro. Omuwendo gw'abantu abafuna obujanjabi ku malwaliro	Obujanjabi bweyongedde okusemberera abantu ebitundu 6% buli mwaka mu myaka etaano.	Ebibuuzo eri abo abafuna obujanjabi ku malwaliro.	Ekitongole kya Social Services kikungaanya bwiino okuva ku malwaliro ne kiweereza eri ekitongole Ekiteekateeka okujjuzaamu emiwendo emiggya.

Akatabo ka ba kansala babakyaala

Kino kiraga buli kigendererwa wekitandikira		Wano Kiraga Engerigye Kitambu ddemu.	Wano Kiraga wa gyetweta-aga okubeera kun-komerero ya buli mwaka	Wano kira amakubo ageyambisiddwa okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa n'ebigendererwa	
Ekigendererwa kya DDF	Baseline	Ebiraga	Ebigendererwa buli mwaka	Engeriy'oku-bituu-kako	Abalina okukungaanya bwiino n'oku-laga
Ekigendererwa 2: Enguudo okukolebwa nga abantu 80% mu disitulikiti enguudo zebakozesa nnungi nga mwe muli n'ezigenda mu butale	Abantu ebitundu 40% bebakozesa enduudo ennungi	Obuwavu(kms) obwenguudo ezikoled-dwa	Omwaka 1,2,3= 10% Omwaka 4 &5= 5%	Zi maapu n'ebifaanyi byasatellite ebiraga enguudo enkole	Ekitongole ky'eby'okuzimba kiwaayo amawulire eri ekitongole ky'ebyenguudo eri enguudo mu disitulikiti ezetaaga okukolwaako
Ekigendererwa 3: Abayizi ba primary okweyongera ebitundu 90% ebya abayizi mu disitulikiti bali mu masomero (abawala n'abalenzi).	Abayizi ebitundu bitundu 50% (60% balenzi; 40% bawala)	Bonna abasoma mu bibiina bya primary	Abayizi ab'obulenzi beyongera ebitundu 6% buli mwaaka Abawala beyongera ebitundu 10% buli	Enrolment statistics.	Ekitongole ekiteekateeka kyakufuna bwiino eyetaagisa okuva mu kitongole eky'ebyenjigiriza.

Tewali kiseera kiteekebwaawo kiteekebwaawo kugaziyyaamu nkola ebagiddwa eya M&E (M&E framework), Okujjako nti erina okukolebwa nga ensonga tezinatandika kuteekebwa mu nkola era era ekoma ensonga bwezitandika okuteekebwa mu nkola.

EKITUNDU 9:

AKABONDO K'ABAKYALA

*Ebirowoozo biggyiddwa mu bubondombwa bakyala – Leah Oliver's—
Women's Legislative caucuses, FOWODE, UWOPA ne WDN-Uganda
Chapter's Brief on women caucuses (2011)*

9.1. Ebyetaagisa okutondawo akabondo k'abakyala akakola

9.1.1. Akabondo k'abakyala kekaluwa?

Akabondo bebamu kubakiise b'ekibiina oba ekitongole okusisinkananga okusobola okutambuza ensonga zaabwe eri ekigendererwa kyabwe. Bwekityo akabondo k'abakyala bebakyala nga ba kansala n'ababazi b'amateeka okusisinkananga okusobola okutuukiriza ebigendererwa by'ekitongole kyaabwe.

Akabondo kano okusobola okutuukiriza obulungi ebigendererwa byaako, tekalina kwetabikamu byaabufuzi nga essira kalissa ku nsonga z'abakyala mpozi n'aba nnaabwe nga abavubuka, abakozi n'abo abalina obulemo ku mibiri gyabwe. Okweggatta ku kabondo kano kulina kuba kwakyeyagalire era kulina kuba ku mulamwa ogw'ekigendererwa ekyakateesawo. Abakatuulako bonna tebalina kuba ba Kansala b'abakyala. Abaami abakiriziganya n'ebigendererwa by'akabondo kano ba ddembe okusaba okwegatta ku kabondo kano. Akabondo kalina okufuna obukugu n'obumanyirivu okukasobobzesa okufuna byonna ebyetaagisa okutumbula embeera y'abakyaala mu bitundu byabwe. Eky'okulabirako, okukwaana emikwano n'okuyimirirawo ku lwa bannabwe bikulu nnyo eri akabondo. Era bajja kwetaaga okukulakulanya obusobozi bwaabwe okwenyigira mukunoonyereza okusobola okussa ku mwanjo ensonga z'abakyala. Akabondo kalina okuzuula n'okukolaganira awamu n'abo bekalonze okukolagana nabo okusobola okubayamba okukuguka mu nsonga ezetaagibwa eri obuvunanyizibwa bwabwe. Ebitongole by'obwannakyewo bya nkizo ku nsonga eno. Mu byetaagibwa akabondo ketaaga okufunanga amawulire n'addala eri abakozi agasobola okweyambisibwa okutwaala ebigendererwa by'akabondo mu maaso.

Akabondo kasobola okutuuka kubuwanguzi okuyita mu:

- ◆ Kukiriziganya ku nsonga yaabwe;

- ◆ Okuyisa omwenkanonkano mu by'amateeka ekisobola okuyamba okuteeka mu nkola ebigendererwa by'akabondo k'abakyala n'okukikirirwa ba kansala baabwe;
- ◆ Okwongera amanyi g'akabondo k'abakyala era nga kino kyeragira ku nkola y'amateeka, omukono abakyala gwe balina mu kuteekateeka embalirira y'ebyensimbi n'okuyisa enkola wamu n'amateeka ddala abaami n'abakyala, abalenzi n'abawala baganyulwa kyenkanyi;
- ◆ Okwongera ku muwendo gw'abakyala abalondebwa mu bifo eby'obukulembeze mu bukiiko nga okukulira akakiiko.
- ◆ Okusigala ku mulamwa omutali byabufuzi mu kulwanirira eddembe ly'aba Kansala b'abakyala n'abakyala bonna okutwaalira awamu.

Ezimu ku nkola ennungi akabondo k'abakyala zekasobola okukolako kwekukwanaganya eby'ekikula ky'abantu. Kino ky'ayamba nnyo mu kukola ssemateeka wa Uganda okuyita mu bubondo bw'abakyala mu Constituent Assembly:

"Omulumu gwa Constituent Assembly bwe gwanyinyitira, abakiise b'obubondo bazuula ensonga enkulu ku by'etaago by'abakyala, eky'okulabirako: okukozesa ekigambo ky'ekikula ky'abantu wonna mu ssemateeka ekikaatiriza omwenkanonkano eri abaami n'abakyala mu mateeka. Okulaba nga bino n'ebirala ebibye faananyiriza biteekebwa mu ssemateeka, obubondo bwatuulanga entakera "okuperereza ku by'ekikula ky'abantu" mwe bakyaalizinga abaami n'abakyala naddala abo abalina obukugu mu nsonga ezalinga zigenda okutesebwaako. Era bwekyasalibwangawo okukkaanya, nga obubaka buweerezebwa abakiise bonna aba C.A. nga basabibwa okuperereza obuwigizi. Okupererezan'okukkaanya by'abayamba okufuna obuwigizi era kino ky'abayamba nnyo okutuuka kubuwanguzi."

9.1.2. Lwaki abakyala bekolamu obubondo?

- ◆ Obubondo bw'abakyala mu by'obufuzi buteekabwaawo n'ekigendererwa eky'okwongera abakyala obuyinza ku kusalawo mu by'obufuzi. Okusalawo kusobola okubeera ku mateeka, enkola, embalirira y'eby'ensimbi oba enteekateeka endala yonna. Akabondo k'abakyaala kalina okwetegereza engeri amateeka gye gabagibwamu, enkola, embalirira y'ebyensimbi oba enkola endala yonna okukakasa nga bifaayo ku kikula ky'abantu. Ekyo kitegeeza nti akabondo k'abakyala kalina okuba n'obukugu mu by'ekikula ky'abantu okusobola okubaako ne byekalungamya ku by'ekikula ky'abantu.

- ◆ Akabondo k'abakyala kasobola okweyambisibwa okuzuula emiwatwa mu by'obufuzi, eby'enfuna n'ebya'abakyala n'okusobola okubagawo enkola ey'okubikolako.
- ◆ Akabondo k'abakyala era kasobola okweyambisibwa okuwa obuwagizi bwonna obwetaagibwa okutumbula omwenkanonkano, eby'amateeka n'okubangula abalala.
- ◆ Akabondo k'abakyala era kasobola okweyambisibwa okukola okunoonyereza n'okuzuula embeera ddala abakyala gyebalimu n'ebyo ebizingamya enkulakulana y'abakyaala omuli: eby'abakyala mu distulikiti omuli: emyaaka gyabwe, abafumbo n'abatali, obuyigirize bwabwe, abo abalina amaka gebalabirira ku bwabwe, eby'emirimu; obwavu; obukulembeze; obikolwa eby'obukambwe eby'obulamu n'ebirala. Bwiino ono asabola okweyambisibwa mu kunoonyereza okwenjawulo okutumbula embeera y'abakyala.
- ◆ Obumu bwongera akakiiko amaanyi. Abakyala bwebasalawo okuwagira ensonga yonna bwebakikolera awamu bonna nga boogera eddoboozi limu ensonga yabwe terema kuyita.
- ◆ Ensonga eziruma abakyala kumpi zezimu naddala abo abali mu kitundu ekimu. Bwekityo kiba kyangu Kansala w'abakyala okukola obubondo akalwanirira okukyuusa embeera y'abakyala n'abawala.
- ◆ Abakyala tatera okulabibwa ng'abawansi ne mu by'obufuzi. Akabondo kabawa omukisa okwegatta n. okutegeera ensonga olwo nebalyokka basobola okulwanirira ebyo ebibaluma nga abakyala.
- ◆ Obubondo bw'abakyala bukubiriza n'ebakozi bannabwe okukolaganira awamu bonna nga abakyala abalondebwa okukiikirira bannaabwe mu by'amateeka.

Akabondo k'abakyala mu kuwandiika Ssemateeka wa Uganda akamanyiddwa nga C.A. katuuka kubuwanguzi obwenjawulo. Eky'okulabirako kino wansi kiraga ogumu ku migaso gy'okukola obubondo.

“Obubondo bw'abakyala okugaziya enkola yabwo era nebufuba okula nga bulambikibwa mu Ssemateeka wa Uganda owa 1995. Mu kusooka ekibiina kya NRM kyo kyalina enkola eyali ewa enkizo omukyala omu yekka ku bakiise omwenda.

9.1.3. Ebigendererwa by'akabondo k'abakyala bye biriwa?

- ◆ Okugwetaggira awamu ng'abakyala okusobola ovuganya ku bifo eby'obufuzi. Kino kibayamba nabo okwezza ebifo ebivuganyizibwaako

abaami n'abakyala. Nga okukulemba obukiiko. Obubondo buno busobola okugaziyizibwa nebutwaaliramu n'abavubuka, abantu abalina obulemo ku mibiri gyabwe, abakozi abaami n'abakyala abakyala abawagira enteekateeka z'abakyala zino.

- ◆ Okwongerera omuwendo gw'abakyala abali mu bifo eby'obukulembeze;
- ◆ Okuwagira n'okugabana ebizuliddwa mu kunoonyereza akabondo byekalina okweyambisa;
- ◆ Okukubiriza abakiise okutwaala obulembeze ku nsonga ez'enjawulo ezikubaganyizibwaako ebirowoozo mu kakiiko;
- ◆ Okukolaganira awamu nebannaabwe okuba abakiikirira abavubuka, abalina obulemo ku mibiri gyabwe n'abakozi okuwaayo ensonga zaabwe ez'enkizo mu kulwanirira eddembe ly'abakyala.

9.2. Obubondo bw'abakyala butuuka kubuwanguzi bino bwebiteekebea mu nkola:

Ebiseera ebisinga akabondo kabaako ebibiina ebisukka mu kimu. Bwekiba nga bwekityo bwekiri, ba Kansala babakyala balina okulowooza ennyo okusobola okutuuka kubuwanguzi. Bino byebimu ku bibuuzo ebirina okwebuuzibwa mu kutandikawo akabondo.

- ◆ Kiki ekibagatta nebakozi bannammwe okuva mu bibiina eby'enjawulo eby'obufuzi n'ekitundu mwe muli?
- ◆ Nkola ki ezisobola okuteekebwa mu nkola okusinziira ku mbeera mwe muli nga zino zikirizibwa ekibiina ekibatwaala kyemukolaganira awamu nakyo?
- ◆ Baani bemukolaganira awamu nabo abali ku kakiiko n'abali ebweeru waako -(civilsociety activistsandmedia).Era akabondo kanabeyambisa katya okusobola okuyisaamu ensonga yaako?
- ◆ Biki ebisobola okugerageranya ebyo ebisobola okuyamba okuyisa enkola ku ekyo kyebetaaga?
- ◆ Akabondo kalina okwewalala okwekubiira ku luuyi oba ekibiina kyonna eky'ebyobufuzi. Mu kiseera kino Uganda etambulira ku nfuga ey'ebibiina ebingi. Akabondo bwekityo kalina okulaba nga mu bigenderwa byaako tebireeta njawukana mu byabufuzi. Kino kitegeeza nti okuviira ddala mu kulonda obukulembeze bw'akabondo balina okufuba okulaba nga balonda abo bokka abalina obusobozi okukunga bakyaala bannabwe n'emukwano emirala okuwagira enteekateeka zaabwe. Akabondo kalina okulaba nga byonna ebikolebwa nga mwotadde n'entuula z'obukiiko ddala biganyula abakyala n'okubafuula abamanyi n'ebirala. Muteekwa

okubaamu ebintu nga okwewummuzaamu n'okwesaamu abakiise babyeyagaliramuOkwewummuzaamu naky'o kibayamba okunyeze obumu n'okwegatta.

Akabondo bwekamala okutondebwawo, bino birina okukolebwa.

1. Obukulembeze bw'akakiiko bulina okukyuuka buli kino kisobozese bonna okuva mu bibiina eby'obufuzi nga mwotadde n'ekiri mu bufuzi okuweebwa omukisa gw'obulembeze.
2. Akabondo kalina okukola enteekateela eyawamu gyekagoberera mu biseera eby'omumaaso n'ebyo byekatambulizaako emirimu gyaako mu byonna byebakola. Mu byo mulina okubaamu byonna eby'okutesaako naddala byonna ebisomooza abakyalala, abaana n'amaka okutwalira awamu. Okugeza ensonga enkulu eyinza okuba obutaba n'ampeereza ez'entegeka y'ezzadde, ebbula ly'amazzi, okutulugunyibwa mu maka n'ebirala. Kikulu okumanya nti ensonga zonna zirina okunyonyolwa akabondo era nezikwatibwaako okusinzira ku bukulu bwaazo.
3. Byonna ebikolebwa mu kabondobirina okunyonyolwa era nebitegeerekeka bulungi. Mu bino mubaamu;
 - ◆ Okuteekawo n'okutumbula eby'amateeka --- bino nga biggyibwa mu kusomoozebwa kwebasanga nga tewali teeka likola ku nsonga eyo. Eno ensonga erina okunyonyolwa akabondo konna wamu.
 - ◆ Okuwa omukisa ba kansala okwekulakulanya mu by'obufuzi. Nga okwetwaalira emikisa egiri mu bibiina eby'omannakyeewa (CSOs) n'egyo egiri mu gavumenti nga berondamu bo nga ba kansala okusinzira ku bwetaavu bwe balina;
 - ◆ Okukubiriza abantu n'abo abali mu by'obufuzi okwenyigira mu nsonga akabondo gye kalwanirira;
 - ◆ Okuteeka abantu okukola okunoonyereza mu bujjuvu okusobola okulunganywa akabondo kukiki ekyokukola eri ensonga gyebalwanirira;
 - ◆ Okusisinkananga abalonzi okumanya bye betaaga;
 - ◆ Osisinkananga ba nnamawulire okutegeezanga ensonga z'ebalwanirira n'ebyonna byebaagala okutegeezanga abalonzi;
 - ◆ Okusondera akabondo ensimbi ez'okweyambisibwa ku nsonga ez'enjawulo nga okudaabiriza waadi y'abakyalala webazaalira mu ddwaliro. Kino kisobola okukolebwa wamu naaabo ababawagira n'ebonna ababagaliza ebirungi;

- ◆ Okukola emikolo nga ogw'omukyala w'omwaka. Kino kisobola okukolebwa nga basaba anatu okulonda omukyala omuzaalisa asinga, omusomesa omukyala, oba omukyala munnabizinensi asinze mu mwaka. Wateekwa okubaawo enkola egobererwa mu kubalonda era amanya negawebwa akakiiko okulondamu abawanguzi. Kino kirina okusonderwa ensimbi nga emikolo emirala era negutegekebwa ku kitebe kya disitulikiti. fundraiseforandhostedatthedistrict.
- ◆ Akabondo kasobola okuwandiika ekitabo nekalaga abakyaala abalina byebatuuseeko mu disitulikiti mu kiseera ekirambikiddwa. Akatabo kasobola okubeera akaba Kansala oba neri abantu abalala bonna okusinziira ku bo kyebaba basazeewo.
- ◆ Ba Kansala balina okuba n'ebikolebwa mu ma gombolola gaabwe ebibasobozesa okusisinkananga. Kino kiyinza okuba okwegatta ku bibiina by'abakyaala ebyenjawulo n'okukakasa nga babyeyambisa nga akadaala okutuusa ku bantu obubaka bwaabwe ku nsonga enkulu n'okumanya endowooza z'abakyala eri ebyo byebetaaga akakiiko okuteeka mu nkola.
- 4. Buli muntu alina okuwebwa omukisa okwogera ensonga ye mu kakiiko. Kirina okutegeerekeka nti akabondo bwekamala okusalawo ensonga, abakyala bonna balina okugenda nekyo ekisaliddwawo ssi ate kubawakanya. Okuba n'obumu kisobola okunyeeza akabondo n'okukafuula akamanyi ddala.

9.3. Akabondo okusobola okukola bino birina okubaawo:

- ◆ Abakiika mu kabondo balina buli omu okuzuula obusobozi bwe kibasobozese okufuna obuwagizi obutuufu;
- ◆ Akabondo kalina okutunda ensonga yaako eri bonna abakwaatibwaako okusobola okufuna obuwagizi. Eky'okulabirako basobolla okwekwaata ku bitongole ebyekeneenya amateeka okubayamba okubabangula; emikutu gy'ebyempuliziganya okubayamba okutuusa ensonga zaabwe eri abantu; n'okukyaaza abakugu okumanyisa akabondo.
- ◆ Akabondo kasobola okweyambisa abo abatali bakiise ku ko (naddala abaami) okuwaayo ensonga ezaawukana;
- ◆ Akabondo kalina okusisinkananga okukubaganya ebirowoozo ku nsonga zaabwe;

- ◆ Abakulembeze bakabondo balina okuwuliziganya nabo bebakulembera. Kikulu nnyo okuwandiikira bonna naddala ensonga kwewetaaga okuyambibwa;
- ◆ Akabondo kalina okuwa omukisa bombi abekibiina abali mu bufuzi n'abo abakivuganya kisobozese bonna okuweebwam omukisa;
- ◆ Akabondo kasobola okweyambisibwa okutuuka eri bonna abakwaatibwaako abenjawulo;
- ◆ Kalina okusisinkanga ba nnamawulire entakera, okukyazibwa ku ladiyo okusobola okwekumira okumpi n'okutuuka eri bonna bekakiikirira;
- ◆ Kalina okwekuuma eri ensonga ezikaggya ku mulamwa;
- ◆ Omukiise w'akabondo alina okuwagira ensonga y'akakiiko n'okulemera ku ekyo ekisaliddwawo akabondo;
- ◆ Okuzuula abo abasalawo ku nsonga ezenjawulo okugoberera eby'akabondo;
- ◆ Okuzuula bannaabwe bwebafaanaganya ebigendererwa n'akabondo era nebakolaganira awamu nabo okugabana obubaka n'ebikozesebwa;

Ebinyonyola

Ebbago lya Paliyamenti (Act of Parliament): Ly'etteeka eriyisiba paliyamenti n'erikakasibwa omukulembeze w'eggwanga.

Awatandikirwa (Baseline): A baseline wewo awatandikirwa, embeera bwe beera nga waliwo enkalo yonna etekeddawo okutumbula embeera eriwo.

Ebbago (Bill): Ebbago ly'etteeka eppya oba enongoosereza mu tteeka eririwo eyanjuddwa mu babaka ba paliyamenti okugikubaganyaako ebirowoozo.

Ekikula kyo (Gender): Eno yenjawulo eriwo wakati w'aonde bw'omuntu ekitegeeza enjawulo eriwo okusenziira ku butonde bwabwe ekitegeeza enjawulo eriwo okusenziira ku butonde bwabwe. Ekikula ky'omuntu kikyuka okusenziira ku buwangwa n'ebiseera.

Okufaayo ku kikula ky'omuntu (Gender sensitivity): Kwekubeera afaayo ennyo ku njawulo eriwo wakati w'abassajja n'abakazi okusenziira ku kikula kyabwe mu kusalawo kwonna. Kitwaaliramu obusobozi okutegeera enjawulo mu ndowooza n'ebiyetaago eri abassajja n'abakazi okusenziira ku buttoned bwabwe n'obuvunanyizibwa bwabwe.

Embalirira ku kikula ky'omuntu (Gender Accountability): kino kitegeeza okulaga obukakafu, ku by'ekikula ky'omuntu nga olaga enkola eri omuntu ssekinnoomu, ebitongole ne ku ddaala lya gavumenti. Kyekwaana kukuvunaanyizibwa ku biba bisaliddwawo n'ebikolebwa (nga okubaga eeka n'embalirira, ensaasanya n'ngabanya y'ebintu, Eby'amateeka, obuvunanyizibwa obuwebwa n'eby'obufuzi).

Okukulembezaamu eby'ekikula ky'abantu (Gender mainstreaming): eno y'enkola ey'okugattika omwenkanonkano mu by'enukalakulana kumitebdera gyonna.

Okukulembezaamu eby'ekikula ky'abantu yemu ku ngeri esobola okweyambisibwa okutuuka ku mwenkano nkano.

Okwekenneenya eby'ekikula ky'abantu (Gender analysis): kino kiyamba okwekenneenya ebijja bibaawo mu bulamu bw'abassajja n'abakyala n'emiwai wabwe bombi. Kino era kikebera engabanya y'obuyinza wakati w'abaami n'abakyala mu ngeri ezenjawulo nga muby'enfuna, mu by'obulamu obwabulijjo ne mu by'obufuzi. Kino kisobola okukoandikira ddala mu maka, ku kyaalo, mu ggwanga, ku ssemazinga ne munsu yonna.

Omwenkanonkano (Gender Equality): kino kitegeeza abassajja n'abakazi, abalenzi n'abawala byebasobola mu bulamu obwabulijjo, mu by'obuwangwa, mu by'enfuna n'enkulakulana mu by'obufuzi.

Obwenkanya eri ekikula ky'abantu (Gender equity): Kino kitegeeza okulaga obwenkanya n'amazima mu ngabanya y'ebintu, mu kuganyulwa n'obuvunanyizibwa obulala mu bulamu.

Ebbago (Statute): Iy'ebbagi ly'eteekeeteke eriwandikiddwa. Okugeza akiti/act lwakuba nti yo ekozesebwa nga omutwe.

Eb iruubirirwa (Targets): Bino by'ebigenderwa okutuukako nga biraga engeri gyebirina okutuukibwako n'engeri gyebiggya biddiiringana. .

Annex A: Engeri ennambulukufu gy'osobola okweggulirawo email.



Create an Account

Your Google Account gives you access to Gmail and other Google services.

Get started with Gmail

First name:

Last name:

Desired Login Name: @gmail.com

Examples: JSmith, John.Smith

Choose a password: Password strength:

Minimum of 8 characters in length.

Re-enter password:

☒ Stay signed in

☒ Enable Web History [Learn More](#)

Security question: If you forget your password we will ask for the answer to your security question. [Learn More](#)

Answer:

Recovery email:

This address is used to authenticate your account should you ever encounter problems or forget your password. If you do not have another email address, you may leave this field blank. [Learn More](#)

Birthday:

MM/DD/YYYY (e.g. "10/14/2011")

Word Verification:

Type the characters you see in the picture below.



Terms of Service:

Please check the Google Account information you've entered above (feel free to change anything you like), and review the Terms of Service below.

With Gmail, you won't see blinking banner ads. Instead, we display ads you might find useful that are relevant to the content of your messages. [Learn more](#)

[Printable Version](#)



By clicking on "I accept" below you are agreeing to the [Terms of Service](#) [Program Policy](#) [Privacy Policy](#)

Annex B: EKIKA KY'EKITEESO

EKIKA KY'EKITEESO

..... ETTEEKA 20.....

DISTRICT LOCAL GOVERNMENT

..... BILL 20.....

DRAFT BILL NO.....

EKITEESO

Ssebo Sipiika,,

Okusinziira ku buyinza obuweebwa akakiiko mu katundu 38 aka Local Governments Act, Cap.243, Nze(amannya).....kansala we (ekifo)..... njagala okwanjulira akakiiko (omutwe).....ku bbago ly'eteeka nga (ennaku z'omwezi).....oba oluvanyuma.

EBIRUNGI:-

Ssebo Sipiika, okutongoza ebbago lino okulifuula etteeka kijja kuganyula akakiiko mu ngeri zino w'ammanga:-

1. Okubangula abantu bonna ku buvunanyibwa bwabwe okusasula emisolo emirala nga ogyeeko omusolo ogw'omutwe n'emisolo gy'obutale emirala;
2. Okusobozesa akakiiko okuba ne bwiino bintu ebimu ebiba biruddewo ennyo;
3. Okuteekawo embeera ennungi esobozesa n'okwanguyiza ensolooza y'emisolo;
4. Okusobozesa akakiiko okusasulira eby'etaago byako mu budde n'okutuukiriza byonna ebyetaagisa ensimbi;
5. Okusobozesa akakiiko okutumbula empeereza yaako n';
6. Okwongerera okwekululanya mu by'entandikwa..

Olw'emigaso enkumu nga egyo egimenyeddwaga waggulu, nteesa nti akakiiko kayise eteeka lino erigerageranya obwa nnanyini ku kintu nga bweryanjuddwa.

Webale nnyo Ssebo/Nnyabo. Sipiika.....

OMUWANDIISI WA BYONNA / KANSALA

Kisimbuddwa mu kitabo kya Uganda Law Reform Commission on Making Ordinances and Bye-laws in Uganda (2010)

Annex C: Engeri gy'osobola okutuukirizaamu obuvunanyizibwabwo eri gavumenti o nga ggwe

Ebimu ku bisobola okuyamba ba Kansala b'abakya okutuukiriza emirimu gye n'obuvunanyibwa bwe eri gavumenti.

- ◆ Yiga okukkiriza by'osobola ne by'otasobola era tosubiza by'otaggya kusobola kutuukiriza.
- ◆ Sigira obuvunanyizibwa obumu naye era jjukira nga ggwe ovunanyizibwa okulaba nga omulimu gw'osigidde gukolebwa bulungi.
- ◆ Saba Katonda akulunganye okusobola okutuukiriza obuvunanyizibwabwo eri gavumenti n'ebibyo.
- ◆ Ba n'enkola ennambulukufu gy'ogoberera era ogiremereko.
- ◆ Yiga okukwaata n'okukozesa obulungi ebiseera. Kola olukalala lw'ebyo byolina okukola buli lunaku era wekebere by'otuukirizza.
- ◆ Fuba okukwaata obudde mu byonna byolina okukola era otegeeze bonna abetaba mu by'okola omugaso gw'okukwaata obudde. Bwebatabdika ekikeerezi nga olina oby'okukola ebirala, basabe ogende oleme ku kukeerewa ate mu biddirira.
- ◆ Waayo obudde obeereko n'abantu. Jjukira nti oli kyakulabirako eri abantu.
- ◆ Yiga okukozesa emikutu gy'empuliziganya egyenjawulo okukwanguyizaako emirimu. Okugeza, okukuba alipoota n'ogiweereza nga okozesa email kiyamba okutaasa ensimbi n'obudde byewandimaze okugitwaala yo mu buntu.
- ◆ Noonya era ofune obuyambi ku ngeri gy'osobola okuddukanyamu obulungi obulamu bwo.
- ◆ Ba n'enkola ennungamu gy'ogoberera okuddukanya emirimu gyo. Okugeza, osobola okutegeeze engeri n'ekiseera ekituufu abantu b'okiikirira gyebasobola okukusisinkanamu. Bawe enamba y'essimu gyebasobola okukufunirako.
- ◆ Waayo obudde okubeerako n'abomumaka go
- ◆ Londa ebikulu by'olina okukola by'olina okukola byoba otandika nabyo.
- ◆ Fuula awaka awo w'ofunira emirembe era ekifo w'osobola ddala okuwummula olunyuka.
- ◆ Bwoba oli mufumbo oba nga olina omwagalwawo beera mwesigwa gyaali era mulambululire engeri n'ebiseera mwolina okuddukanyiza emirimu gyo.

- ◆ Weewe obudde obeereko wekka. Kino kijja kukuyamba okwekebera. Era ojja kusobola n'okukyuusa ekyo ekikyakulemye okukyuusa bwoba nga ddala owaayo obudde okwekebera.
- ◆ Yiga okugabana obuvunanyizibwa bwo n'abomu maka go

COMMUNITY MONITORING AND SERVICE DELIVERY TRACKING TOOL

THE HEALTH SECTOR

Ekgendererwa: Okunoonyereza okulaba nga oba waliwo obwenkanya mu mpeereza eri abakya ku malwaliro

Erinnya ly'eddwaliro.....

Endagiriro y'eddwaliro.....

Erinnya ly'abo abalondoola empeereza

Ennaku z'omwezi

A: Ebibuuzo eri abakozi ku ddwaliro

1. Abakozi abakola ku ddwaliro bali bameka n'ebifo byabwe?
2. Omuwendo omutuufu guteekeddwa kuba bameka okusinzira bavunanyizibwa ku nsonga eyo?
3. Obanga waliwo enjawulo nnyonyola lwaki?
4. Emirundi emeka ba dokita, ba nurse n'abazaalisa gyebajja ku ddwaliro?
 - a. Buli lunaku
 - b. Omulundi gumu buli sabbiitic
 - c. Emirundi ebiri sabbiiti
 - d. Tebajjila ddala

B: Ebibuuzo ebikwaata ku ddagala ku ddwaliro

5. Eddagala eryetaagibwa weriri ku ddwaliro?
6. Ddala limala era weriri nga bwekyetaagisa?
7. Eddwaliro limala bbanga ki nga teririna ddagala?
8. Waliwo ekiseera eddwaliro weribeerera n'eddagala eritakozesebwa?
9. Eddagala lireetebwa mu budde?
10. Eddwaliro lirina eddagala ekozesebwa okujanjaba obulamu bwa ba maama?

C: Ebibuuzo ku bulamu bwa ba maama

11. Eddwaliro lirina waadi abakya ab'embuto webazaalira? (Ye/nedda)

12. Bw'ebeerawo, mulimu ebitanda era biri bimeka?
13. Eddwaliro lilina omuntu omutendeke alina okuddukana waadi eyo?
14. Eddwaliro likola litya mukuzaalisa ba maama abakaluubirizibwa nga bazaala?
15. Eddwaliro lirina awasuulibwa ba nnabaana?
16. Eddwaliro liwa ba maama zi mama's kit?
17. Ngeri ki endala eddwaliro gyeryiyambamu ba maama?
18. Waliwo eky'amalwa mu kuzaala?
19. Biki ebirala ebiriwo ku ddwaliro?

D: Ebibuuzo ku ntegeka y'ezzadde

20. Eddwaliro lilina empeereza yonna ku by'entagaeka y'ezzadde?
21. Bika ki eby'entegeka y'ezzadde byebalina?
22. Abassajja nabo benyigira mu by'entegeka y'ezzadde?
23. Bika ki ebya IEC/ ebikozesebwa n'empuliziganya eby'eyambisibwa eddwaliro ku by'entegeka y'ezzadde?
24. Eddwaliro lilina enkola eya PMTCT eziyiza ba maama okusiiga abaana baabwe akawuka ka siriimu?
25. Eddwaliro likola ku by'okugema abaana?
26. Eddwaliro lirina enkola ey'okubudabuda abalwadde?

E. Ebibuuzo ku by'obuyonjo

27. Okubaawo ne kabuyonjo
28. Okubaawo n'amazzi amayonjo
29. Eddwaliro n'ebiryetoloode (compound) biyonjebwa?
30. Eddwaliro lirina efumbiro?
31. Eddwaliro lirina amataala agamala ekiro?
32. Eddwaliro lirina abayamba ku basawo abamala?
33. Eddwaliro lilina ebika byonna eby'obulobo omusuulibwa kasasiro era obulambikiddwako ebibwawula?

F: Ebibuuzo ku batulugunyibwa mu by'omukwano (SGBV)

34. Eddwaliro liyamba litya abo abatulugunyiziddwa mu by'omukwano?

35. Eddwaliro lirina enkola eya PEP?
36. Eddwaliro libakolera amabaluwa?
37. Mpeereza ki endala eddwaliro gyeriwa abo abatulugunyiziddwa mu by'omukwano?

G: Ebibuuzo ku by'ensimbi

38. Embalirira y'ebyensimbi ey'eddwaliro yenkana wa?
39. Ddala PHCebawebwa ekozesebwa?
40. Eddwaliro liggyawa ensimbi?
41. Ssente meka eziva mu gavumenti era meka eziva mu makubo amalala?
42. Eddwaliro lirina engeri yonna gyeriyingizaamu ensimbi nga lyo?
43. Eddwaliro lifuna ensimbi mu budde? (Bwekiba nedda, kitwaala banag ki?)
44. Ku mbalirira eyo kuliko ensimbi ez'okujanjaba obulamu bwa bamaama?
45. Eddwaliro litimba enyingiza yalyo n'ensasaanya ku lubaawo awatibwa buli ayagala nabiraba?
46. Biki ebyateekatekebwa okukolebwa, biki ebisobodde okukolebwa? (waliwo ebitasobodde kukolebwa? Lwaki?)

H: Ebibuuzo ku bukulembeze

47. Eddwaliro lirina HMC?
48. Etuula buli ddi?
49. Abatuula ku kakiiko ka HMCbamanyi obuvunanyizibwa bwabwe?
50. Eddwaliro lirina embalirira eyakakasibwa?
51. Eddwaliro likola ku nnaku enkulu?
52. Eddwaliro liggulawo era liggulawo ssaawa meka?
53. Eddwaliro likwaata litya enteekateeka n'embalirira y'ebye'ensimbi?
54. Abantu bonna benyigira mu kuteekateeka embalirira?
55. Eddwaliro lirina engeri yonna gyeryateekawo gyerifunamu okwemulugunya ku mpeereza yalyo?
56. Waliwo engeri yonna ey'enguzi ku ddwaliro era ensonga ezo zikwatibwa zitya?

EBYEYAMBISIDDWA

- ◆ ACFODE (2012) Handbook on Governance and Gender Accountability
- ◆ Constitution of the Republic of Uganda, 1995
- ◆ Convention on Elimination of all Forms of Discrimination against Women (1979)
- ◆ Forum for Women in Democracy (2010) The Winning Campaign, A women's Guide to Winning Political Elections
- ◆ Local Government Act, CAP 243
- ◆ Sheila Kawamara Mishambi; Paper on Advocacy (2013) presented at a Training of Trainers Workshop for Trainers of District Women Councilors
- ◆ The Uganda Women's Caucus, Paper by Forum for Women in Democracy
- ◆ Women's Democracy Network-Uganda Chapter (2011), Training Manual for Women Councillors
- ◆ Women Democracy Network-Uganda Chapter (2011) Brief on Women Caucuses
- ◆ Women's Democracy Network-Uganda Chapter (2011), Brief for Local councillors on Chairing Committee Meetings
- ◆ Uganda Women's Network Hand book on Advocacy (2011)
- ◆ UNDP (2010) Handbook for Women Candidates
- ◆ UNDP (2011) Handbook on Monitoring and Evaluation & District Participatory Planning and Budgeting Process (Puntland & State of Somalia)
- ◆ Universal Declaration of Human Rights (1948)
- ◆ Uganda Law Reform Commission (2012); Making Ordinances and Bye-laws in Uganda

Ebikwaaata ku kitongole kya UWONET

Uganda Women's Network—UWONET, ky'ekibiina ekigatta ebibiina ebirwanirizi by'eddembe ly'abakyala nga kati kiweza ebibiina by'abakyala 16, ebitongole ebirala n'abantu 9. Kyatandikibwawo mu mwaka gwa 1993 okuteekawo ekifo n'embeera ebibiina ebirwanirizi by'eddembe ly'abakyala webisobola okukunganira olw'ensonga yaabwe naddala okusosola abantu olw'ekikula kyabwe.

Ekirooto

Uganda okufuuka eggwanga omutali kusosola bantu lwakikula kyabwe.

Ebigendererwa

Okukwanaganya n'okukolera awamu eri bonna abakirimu ne bonna bekikolaganira awamu nabo okubabangula, okufuna eby'etaagisa, okunoonyereza ku nkola n'engeri zonna omumalawo obutali bwenkanya eri ekikula ky'abantu mu Uganda.

Project Supported by the



Plot 198 Old Kira Road Ntinda.

P.O. Box 27991, Kampala, Uganda

Phone: +256 414 286539

Email: info@uwonet.or.ug

Website: www.uwonet.or.ug

Facebook: <http://www.facebook.com/uwonet>

Twitter: @uwonet